Ekiseera Ky'Okwegatta n'Akabonero Kaakyo

Musiibye mutyanno? Kya mukisa okubeera wano akawungeezi kano, ne nnyimirira mu kifo kino.

2 Nze, ku makya ga leero, bwe nnabadde nzija . . . nnabaddeko mu kusaba, nga nnindirira ku Mukama. Kale bwe nnabadde nzija, nnataddeko omubuulizi w'oku le—leediyo, Ow'oluganda Smith, ow'oluganda oli omuddugavu (mwenna mwamuwulirizza enkya ya leero? Waliwo omuntu yenna eyamuwulirizza?) ava ngulu eri, nzikiriza mu Ohio. Waliwo eyali amumbuulirako nga bw'abuulira, n'aŋŋamba nti, "Osaanidde okumuwulirizaako," bw'atyo.

3 Kale nnasobodde okumufuna, ku makya ga leero. Era mazima yabadde ayogera ku ngeri ekibi gye kyeyongedde mu nsi ensangi zino, era yabadde . . . Kale nnakyusizza ne nneeyongerako katono mu maaso, okuva ku mukutu ogwo okudda ku mulala, ne mbaako omulala gwe nnawulirizza. We nnatuukidde wano, kumpi nnabadde mwetegefu, ggwe kebera olabe oba nga obudde bwabadde tebuyise obw'okujja mu kkanisa, we nnayingiridde ku makya ga leero. Kale, tuli ba mukisa nnyo nnyini okubeera wano akawungeezi kano, n'okuweereza mu kuweereza kwa Mukama.

4 Kati bwe njogera ku w'Oluganda Neville, n'obubaka bwa luli, eri omukyala ono, mwannyinaffe eyakatuvaako. Eyali, ffenna twali tumumanyi, ye Mwanyinaffe Weaver. Ne ndowooza ne ku musajja wano, abatiziddwa akawungeezi kano; omukazi oyo . . . nnamubatiriza mu kidiba kino wano bwe nnali . . . baali balina kumuleetera mu kagaali ka balema okujja wano. Yali afa, nga alina kookolo, era yali asigazizza kiro ekyo kyokka okuba omulamu; abasawo baali bawanise, yali agenda kufa enkeera yaalwo. Era nnagenda mu maka ge ne ngezaako okwogera naye ku kuwonyezebwa okuva eri Katonda, naye yali addiŋŋana kimu nti, "Ssisaanidde ggwe okujja wansi w'akasolya kange." N'agamba nti, "Ssi—Ssisaanidde muweereza kuba mu nju yange." N'agamba nti, "Ndi mwonoonyi." Naye n'agamba nti, "Ssebo, ssaagala kufa bwenti." Era Grace Weber, okuva engulu eno, ye yanserengesaayo. Ne nnyingira buyingizi, nga nzenna ndi mukoowu okuva mu nkuŋŋaana; era awo bwe nnali mmusabira, ne mmusomera n'Ekyawandiikibwa, n'alokoka. Mu kaseera ako, yali tasobola na kuyimusa mukono gwe waggulu, naye yali ayagala akwateko buli omu mu ngalo. Ya . . . waliwo ekyamutuukako.

5 Era bwe baali bakwatagana mu ngalo, ne ndaba okwolesebwa nga omukyala ono agenda awali ekiyumba ky'enkoko, oluvannyuma n'akomawo. Ne ŋŋamba nti, "Kale, buli kimu kigenda kutereera kati"; era ekyo kyaliwo emyaka kkumi na munaana egyakayita. Era abadde yawona dda kookolo oyo, okuva kw'olwo. Bwe kiba nti yafudde . . . Yafudde talina kookolo yenna, yafuna obulwadde bw'omutima bwe bw'amusse. Baali baamuteeka ku byuma ebiyamba okussa; yafudde kikutuko.

6 Nate era nnali ndowozaamu, mu kumaliriza abantu bwe baali bafuluma, ne bayimba nti, *Awo Yesu n'Ajja.* Ekyo kyennyini kye kyabaawo, yajja n'ataasa obulamu bw'omukyala oyo okumala emyaka gino kkumi na munaana. Era nnalowozezzaamu nti, "Nga kyajjira mu kiseera kyennyini ekituufu." Omukyala oyo oba oli awo teyamanya nti ye yali akikola bw'atyo. Naye ate, era, ayinza okuba yali akimanyi. Naye nga kyajjira mu kiseera kyennyini ekituufu okubeerawo n'ekitundu ekyo nti, *Awo Yesu n'Ajja*.

7 Kati katono nnyo nga ssinnaba, nsu—nsuubira, bwe ndowooza ennyo ku nkuŋŋaana eziba zijja mu maaso. Nneeraliikirira nnyo. Ku makya ga leero, nnabadde ntabuddwatabuddwa nnyo, ne nnyambuka oku—okusaba. Era ndi—ndi waka, nnakomyewo wano. Ab'amaka gange, nnabatutte mu Arizona, era ndi . . . abaana basobole okugenda ku ssomero. Era nze nnakomyewo wano okusobola oku—okuwummulamukko, tugende tuyigge n'Owoluganda Wood n'aboluganda abalala wano; okugenda okuyigga, wiiki eno ejja. Tugenda kuserengeta mu Kentucky. Era na . . . nnali nnaa . . . nnasangibwa nnaakakomawo ku lunaku o—lwo Muky. Weaver lwe yafa, era kyajjira mu kiseera kyennyini ekituufu nsobole okuba wano okuyamba ku W'oluganda Neville mu kuziika okwo.

8 Kale ssigezaako ku . . . ssigezaako ku—kukyogerako bingi nnyo, nga bwe mumanyi, awali abantu abeemulugunya. Kubanga, muli ndowooza nti, ekimu ku bintu ebikyasinzeeyo okuba ebibi kwe kulaba o—omusajja oba omukazi abeera yeemulugunya buli kiseera. Bulijjo mbaddenga ndowooza muli nti, "Katonda wange, ekyo kintaase." Okiraba, ekyo—ekyo kinafuya okukkiriza buli kiseera, okimanyi. Ggwe—ggwe . . . ssinga—ssinga . . . mmanyi nti nga bwe beeyongera okukaddiwa, buli omu ku ffe, waliwo ekigenda okututuukako era wabeewo ekibaawo. Era mmanyi nti obuntu obwo obutonotono bujja kusigala nga bweyongera, gy'okoma okukula, buteekwa okweyongera. Naye muli ndowooza nti ekimu ku bintu ebisingayo okuba ebibi, ye Ssetaani okwefuga obulamu bw'omuntu: n'afuuka omusajja omukadde oba omukazi omukadde ow'entondo, okiraba. Nsa—nsaba nneme kutuuka awo. Nsaba nkigumire, emigugu gyange, era—era

ntuuke mu kifo nga . . . njagala obulamu bwange bubeere nga bujjuddemu Kitiibwa kya Katonda: obugumiikiriza Bwe obutakeŋŋentererwa, obukkakkamu, emirembe, obuteefu, era nga bujjude Omwoyo Omutukuvu.

9 Era nze . . . ekimu ku bintu ebikulu ekinnuma ennyo bulijjo mu bulamu bwange, kibaddenga kubeera mu mbeera ya kweraliikirira. Nti bwe nkoowa ennyo, ate nnyenjebukira ddala. Mbeera . . . muli mpulira nga awatali muntu n'omu akufaako, okiraba, nga—nga wenna oli . . . Mukirina, nammwe. Naye ate ekyange kirabika kisukkawo, omanyi, era ebiseera ebimu kimpitirirako nnyo, ne mba nga ssisobola na . . . Buba bunkenke, ekyo kye kibuleeta. Era emirundi mingi ntera nnyo okutuuka mu mbeera, okusingira ddala olw'okwolesebwa okwo okungi, okiraba, kunnafuya. Ntunuulira omuntu, muli ne ndowooza nti, "Kuno kwolesebwa. Nedda, nedda, nedda, ssi kwolesebwa. Weewaawo! Ssi kwolesebwa?" Okiraba? Era tosobola kutegeera muwendo ki ogwetaagisa okuyita mu mbeera eyo. Kati awo—kati awo ne—ne weewuunya. N'olowooza muli nti, "Oba oli awo, oli . . . " Kati awo n'odda mu mbeera zo eza bulijjo n'ogamba nti, "Naye, kati, kiki—kiki kye nkoze? Nzuuno kati, nnina—nnina emyaka ataano naye ssirina kye nkoledde Mukama; ate nne—nneeyongera kukaddiwa. Naye kiki . . . ? O, bannange." Kati awo n'ofuna . . . kye twateranga okuyita "okwennyika." Abamu ku mmwe ab'oluganda bwe twenkanya emyaka mujjukira kye baateranga okuyita "okwennyika." Taata yateranga okukyogerako nga nneewuunya kiki kye yali ategeeza, naye mazima kati mmanyi kye yali ategeeza. Kale, otandika okuwulira bw'otyo, nga ate ku byonna tekuli kituufu; nga kyonna kiva ku ggwe, nga naawe okimanyi. Okiraba, oba okimanyi, ggwe aba akikola.

10 Kale, kati mbadde ngezaako okwekkakkanya mu mwoyo gwange, nsobole okwetegekera o—omulimu ogw'amaanyi gwe nsuubira okujja mu maaso awo. Era okuyita mu . . . Nnina okugenda butereevu mu New York, era nnina . . . mu lukuŋŋaana oluliyo, olunene. Oluvannyuma ŋŋende mu Shreveport, ate nzireyo mu Phoenix. Ate bwe mmala nzije mu bugwanjuba . . . ku nsalo y'obukiikaddyo bwa Amerika. Nate era kati bali mu kukola nteekateeka ez'okugenda emitala w'amayanja, nga za kutandika mangu ddala nga bwe tusobola oluvannyuma lw'olusooka omwaka, oba oli awo mu Maaci, oba Apuli, bwe watyo; w'otandikira mu Stockholm oba Oslo, n'ogenda nga weetooloola ensi, bwe tunaaba tusobodde okukikola ku lugendo lwaffe luno oluddako.

11 Naye kati ndi waka, nga ngezaako okuwummulamukko, okusobola okudda mu mbeera n'okufuna endasi nate. Era Mukama bw'anaaba ayagadde, nja kukomawo ku Ssande ejja, okuva emmanga eri mu Kentucky. Era—era bwe kiba tekirina buzibu bwonna, nga kisanyusizza Mukama, nga n'Owoluganda

Neville takirinaako buzibu; kale, nja kugezaako okuweereza mu lukuŋŋaana lwa Ssande ejja, Mukama bw'a—bw'anaaba ayagadde. Era bw'Anaaba ayagadde nga Ow'oluganda Neville bw'akyagala, ndi—ndiba wano. Yee ssebo, bw'Aba nga. . . bw'Aba akyagadde nga Ow'oluganda Neville bw'akyagadde. Nsuubira akyagala. Kati, mulabeeyo, mmanyi nti mu bbanga eritali lya wala, Mukama nga ayagadde, ssigenda kuba nammwe okumala ekiseera ekiwerako.

12 Era. . . buba bubaka obutonotono, bwe mbaako n'ekintu ekitonotono ekinzijira ku mutima, olwo ne—ne—ne mpulira nga njagala nkibalage, mukiraba, era tusobole okukigabanako. Kaakano, nninawokko butonotono, nga butaano oba mukaaga obwakanzijira mu nnaku ntono eziyise. Era nnagenda, okumala ennaku nga ziizo, okuyigga kaamuje. Ne nnyingira mu kibira, nga ŋŋenze n'ekkalaamu n'olupapula. Okiraba? Kati mu kaseera ako nga obudde bunaatera okukya n'ekitangaala kiveeyo, mbaako ne we nneesigama ku muti. Bwe sseebaka, ntandika okusaba, era awo, Mukama abaako ne ky'ampa, ne ntandika okukiwandiikako ebigambo ebitonotono, okiraba. Mumanyi kye ntegeeza; bwe weeyawula n'oba wekka, era n'o. . . Kati awo ne nkomawo, byonna ne mbikyusa ne mbiwandiika ku lupapula. Kati awo bwe bampita, nziruka ne ŋŋenda nfuna olupapula lwange ne nduyitamu okulaba kiki kye nsobola okutandikirako, mukiraba. Ky'ekyo ekyakamala okubaawo.

13 Kale kaakano, njagala, Mukama nga ayagadde, okwogera. . . ngezaako kukola. . . okufunza obubaka obwo obunene, era obuwanvu, mukiraba; obukutwalira essaawa n'essaawa. Era Mukama yannyamba okukikola mu bufunze ddala mu Chicago, ekiro ekyasembayo lwe nnaliyo, mu ddakiika nga asatu zokka. Ne wabaawo eyajja gyendi, n'agamba nti, "Nnabadde ssisuubira nti okisobola, naye okikoze!" Kale eddakiika asatu, okubufunza okuva ku ssaawa bbiri n'ekitundu, oba ssatu, omanyi. Kale oba oli awo nnyinza okwanguwako akawungeezi ka leero nneegezeseemu katono, obutabalwisaawo nnyo.

14 Katonda abawe omukisa. Ne bwe ndigenda wa yonna, tewalibaawo kifo kiri nga kkuŋŋaaniro lino wano. Wano waka, awaka awalungi. Era nsaasira nnyo ab'enju ya Weaver. N'ow'oluganda ono omwagalwa omuddugavu eyafa, nnasabako naye okumala akaseera nga tannagenda, era yali muntu mulungi ddala. Naye kaakati ali Waka ne Katonda, era byonna byaggwa. Era oba wa kugenda mu buli ngeri, ekyo ffenna tukimanyi. N'olw'ekyo. . . emmeeme zaabwe Mukama aziwummuze mirembe, era lumu tusuubira okusisinkana mu Nsi eyo emitala, awatali ndwadde, ennaku, oba okufa. Okutuusa kw'olwo, leka tukole buli kimu kyonna kye tusobola ku lw'Enjiri.

15 Tulyose ne twogera ku bunkenke, nnabadde nkisabira ku makya ga leero. Waalikoze ki ssinga tewalina bunkenke? Kirowoozeeko. Obunkenke buli kitundu ku kuba omulamu. Ekyo kyanzizizzaamu ku maanyi bwe nnakirowozezzaako. Ssinga tewalina bunkenke, wandibadde nga ki ddole ekitungiddwa mu biwero, tewandibadde na nneewulira ya buntu. Tewandibaddewo kintu kyonna ky'oyinza kukolako. Tugeze nga omwami n'omukyala, oba oli awo nga omukyala alina ky'ayagala okukola, era nga bagezaako okukolera awamu (naddala Abakristayo), naye ate nga omulala ye ayagala . . . Kati bwe mujja awamu oku . . . n'olaba omukyala kye yakoze; naye n'alaba kye . . . Okiraba, obunkenke bwongera okubakwataganya awamu. Kati bwe wabaawo akugamba nti, "Kale," n'agamba nti, "ggwe lowooza ku mukyala oyo bambi eyeeraliikirira ennyo luli lw'oteeyisa bulungi," oba "ku mwami oyo eyeraliikirira ennyo luli lw'oteeyisa bulungi. Naye kati byonna bwe byamala okusonyiyibwa, laba engeri gye wawuliramu eri omwami oyo. Bannange, oba . . . " Okiraba, olina okuba n'obunkenke. Ky'ekyo.

16 Kati lowooza, ne ku nneewulira z'obuntu, watya ssinga tewalina nneewulira yonna ya buntu, nga towulira bulumi oba ekintu kyonna? Watya ssinga tewaaliwo bulumi bwonna yadde? Tewandibadde na nneewulira yadde. Okiraba? Era bw'otaba na nneewulira yonna, kiba kitegeeza nti akamu ku busimu bwo tekakola. Okiraba? Kale, okiraba nti, buli kimu kya mugaso mu ngeri yaakyo. N'olw'ekyo, "Katonda, atuwe buwi kisa okusobola okukigumira," bwe kityo bwe kiri. Ssinga tuba tusobola okunywerera ku kisa ekyo, ne tuyimirira ne tugamba nti, "Tumanyi nti nga obulamu buno bukomye, obwo obusinga obulungi buli ku ludda luli gye tulindirira okugenda." Era kaakano, tu—tujjukira nti ebintu bino byonna, byonna bunkenke.

17 Eyo engeri, abantu abamu gye bagezaako okwanjulamu Obukristayo, nti "okweraliikirira kwo kukomye. Oli . . . " Nedda, tekunnakoma. "Mbu toliddamu kuba ku bunkenke." O, nedda! Weeyongera okuba ku bunkenke bw'ofuuka Omukristayo, kubanga luli obadde oseeyeeya buseeyeeya, nga teweraliikirira binajja, nga kyonna kye kiri, teweefiirayo ku kiki ky'okola.

18 Naye bw'ofuuka Omukristayo yennyini, buli kiseera obeera weewuunya muli nti, "Nsanyusa Mukama wange? Ssinga mbadde nsobola okuwulira okuva gy'Ali!" Kikuteeka ku bunkenke, n'oba bulindaala. Ekyo kye kikufuula ky'oli. N'olw'ekyo ndaba nga, obunkenke mukisa. Kisinziira ku ngeri gy'okirabamu. Kisinziira ku ngeri gy'okirabamu. Okiraba? Bw'otunula obutunuzi ku ludda luli olulala, waliyo—waliyo . . . Ekintu ne bw'okyabuluzaamu obuwayi obutono okwenkana wa, kisigala kirina enjuyi bbiri, okiraba. Kale weetaaga olabe enjuyi zombi.

19 N'olw'ekyo obunkenke...Muli ndowoozaamu nti, "O bannange, bu...Obunkenke buno butegeeza ki? Ssinga nnali nnazaalibwa ssirina bunkenke buno." Naye, ssinga ssaalina bunkenke buno, ssaandibadde ekyo kyendi. Ssaandibadde Mukristayo, oba oli awo. Obunkenke buno bwe bwandeeta eri Yesu Kristo. Okiraba? N'olw'ekyo, bubadde bwa mukisa gyendi.

20 Kale kati, nga Pawulo bwe yayogera, nga alinga eyali ku bunkenke oba ekintu ekimu oba ekirala, yali yeebuuzizza ku Mukama aki—akimuggyeko emirundi esatu. Naye Mukama n'agamba nti, "Sawulo, Kyange...Pawulo, ekisa Kyange kikumale."

21 N'agamba nti, "Kaakano, nja kwenyumiririza mu bunafu bwange. Kubanga bwe mba omunafu, olwo lwe mba ow'amaanyi." Okiraba? Kasita kibaawo olw'okwagala kwa Katonda, tewali buzibu.

22 Kati, nnamwebuuzaako lumu bwe kyantawaanyanga ennyo ddala, ne kintiisa. Era n'Aŋŋamba, emyaka nga munaana oba kkumi egyakayita, yaŋŋamba nti, "Tekiriddamu kukutiisa nate." Era tekiddangamu. Nedda, ssebo; to—toddamu kukyeraliikirira. Nkiwulira buwulizi, naye nga mmanyi nti weekiri; naye nneeyongera bweyongezi mu maaso kubanga tekikyantiisa, kale ekyo nkimwebaliza.

Kati, yali asobola okugamba nti, "Tekiridda," kye kimu nga ne, "Toliddamu kweraliikirira."

23 Kale kwagala Kwe ekyo okubaawo, n'olw'ekyo nkikkiriza bukkiriza ne ŋŋamba nti, "Weebale, Mukama, nnaatambula bw'entyo."

24 Kaakano, leka tukoteke emitwe gyaffe okumala akaseera tu—tusabe. Waliwo ekyetaago eky'enjawulo eky'okusabira? (Ndaba obutambaala obuteereddwa wano.) Yimusa omukono gwo. Mukama, wa omukisa buli omu ku baana Bo.

25 Kitaffe Ow'omuggulu, nga bwe twolekera Nnamulondo Yo enkulu, ey'ekitiibwa era ey'ekisa, kubanga twagambibwa okujja. Tujja olw'okuyitibwa kwa Yesu Kristo. Era tujja n'okweraliikirira kwaffe kwonna, nga tukuteeka ku Ye kubanga afaayo gye tuli. Okwo nga kubudaabudibwa kwa maanyi, okumanya nti afaayo gye tuli. Katonda oyo omukulu ow'Eggulu, Omutonzi, afaayo gye tuli, ffe ebitonde Bye. Tuli basanyufu nnyo olw'ekyo, Mukama. Nga kubudaabudibwa kwa maanyi mu biro bino bye tulimu, we kirabika nga awatali wa ku—kufuna kubudaabudibwa kuva mu kintu kirala kyonna okujjako mu Kigambo Kyo. Ekyo kye kitugumya, Ekisuubizo Kyo. Era mu Kisuubizo Kyo, wagamba nti twatule ebyetaago byaffe bitegeerebwe, ne kino nti "Bwe munaasabanga ekintu kyonna mu Linnya Lyange, nnaakikola." Wamu n'Ebisuubizo bino eby'amaanyi nti: "Musabe muliweebwa. Yogera eri

olusozi luno nti, 'Siguukululwa,' era tobuusabuusa, nalwo lunaasiguukululwa." Ebisuubizo bino byonna, era tusobola okufuna okuva mu Ebyo ekyo kye tusaba.

26 Emikono giyimusiddwa, waliwo kye gyetaaga, Mukama. Ggwe omanyi kye gyetaaga; kigabirire, Kitaffe. Nteeka okusaba kwange wamu n'okwabwe mu maaso Go, n'omukono gwange nguyimusa waggulu wamu n'egyabwe. Wano ku mmeeza eno waliwo, obutambaala obuli wano. O, nga abantu balina okukkiriza, okukkiriza okw'obuzira, Mukama . . . Kirabika nga kye kintu ky'ompeereddemu omukisa, okusobola okusabira abalwadde. Buli wamu, yonna, yonna gye ŋŋenda, kintu ekikwata ku kusabira abalwadde. Katonda, yamba kaakano. Nsaba n'obwesimbu nti oyanukule okusaba kw'obutambaala buno obuteereddwa wano, eri abantu abasabye. Okusaasira Kwo leka kubabeereko.

27 Mukama, tukitegeddeko nti Mwanyinaffe Hicks yakyazizza omukyala wano, eyalinnye ennyonyi okuva mu kifo ekimu okujja asabirwe, nga alina kookolo; era nga ayagala kumanya oba asobola okumuleeta wano. Nsaba, Katonda, otaase obulamu bw'omuntu oyo; kikole. Omwana wa muganda wange, Mikie, agalamidde eri nga mulwadde era nga asesema, nga alina omusujja omuyitirivu, nnaakavaayo okumulaba. Mukama, nzi—nzikiriza nti tusabiddeyo okusaba okw'okukkiriza era nti oguyimirizza, era ndi—ndi—ndi musanyufu gy'Oli, olw'okuwulira omusujja nga guva mu mulenzi bwe nnabadde ssinnafuluma kisenge ekyo.

28 Kaakano, Mukama . . . era nate weebale olw'ebintu bino byonna. Kaakano luwalo lwange okwogera ku Kigambo Kyo. Tuwe Ekigambo Kyo, Mukama. "Ekigambo Kyo ge Mazima." Wa omukisa emmeeme zaffe era otuwe e—ekisa kye twetaaga, tusobole okukijja mu Bisuubizo bya Katonda akawungeezi kano, mu Kigambo, kituwanirire okutuyisa mu wiiki yonna; kituwe. Wa omukisa omusumba waffe, omusajja ono omuzira, mukyala we, abaana be, abadiikoni, abayima b'ekkanisa, na buli muntu ayingira n'oyo afuluma ekizimbe kino; kituwe, Kitaffe. Mu Linnya lya Yesu Kristo tusabye emikisa gino. Amiina.

29 Kati, njagala okusoma mu bitundu bibiri eby'ebyawandiikibwa bya Mukama. Njagala nsome okusooka okuva mu Kitabo kya Zabbuli, Zabbuli ey'e 86. Oluvannyuma njagala nsome okuva mu njiri y'Omutukuvu Matayo, essuula ey'e 16, 1 okutuuka ku 3. Era njagala kusomako kitundu ku Zabbuli eno, ssi yonna naye okutuuka ku lunyiriri olw'e 11, nga ekyo kiba kisingako katono nnyo ku masekati gaayo yonna.

30 Era njagala okulangirira kino, bwe mba ow'okukiyita eky'okuyigako, nga ssinnakibuulirako: *Ekiseera Ky'Okwegatta n'Akabonero Kaakyo*. "Akabonero k'ekiseera eky'okwegatta," ekyo kiwulikikamu nga ekizibu okutegeera. *Okwegatta*

(Mukiraba?) *Ekiseera*, ekiseera eky'okwegatta, kye kino kaakano. Wamu n'*Akabonero* ak'ekiseera ekyo eky'okwegatta.

31 Mu—mu Zabbuli, essaala ya Dawudi, Zabbuli ey'e 86.

Otege okutu kwo, Ai Mukama, ompulirize: Kubanga ndi mwavu era munakuwavu.

Okuume emmeeme yange; kubanga ndi mutukuvu: Ai ggwe Katonda wange, olokole omuddu wo akwesiga.

Onsaasire, Ai Mukama: kubanga nkukoowoola ggwe okuzibya obudde.

Osanyuse emmeeme y'omuddu wo; kubanga nnyimusa emmeeme yange eri ggwe, Ai Mukama.

Kubanga ggwe, Mukama, oli mulungi, oyanguwa okusonyiwa, era ojjula ekisa eri abo bonna abakukoowoola.

Otege okutu, Ai Mukama, eri okusaba kwange;. . . Owulire eddoboozi ery'okwegayirira kwange.

Ku lunaku olw'okunakuwala kwange ndikukoowoola; Kubanga olinziramu.

O, ekyo ssi kirungi? "Olinnyanukula."

Tewali afaanana nga ggwe mu bakatonda, Ai Mukama; So tewali bikolwa ebiri nga *ebibyo.*

Amawanga gonna ge *wakola galijja, galisinza mu maaso go, Ai Mukama; Era* ggwe o*ligulumiza erinnya lyo.*

Kubanga ggwe oli mukulu, era okola eby'ekitalo: ggwe Katonda wekka.

Muwulirize kaakano:

Onjigirizenga ekkubo lyo, Ai Mukama; nna—nnaatambuliranga mu mazima go: Ogatte wamu omutima gwange gutye erinnya lyo. (Okwegatta! Mukiraba?)*. . . ogatte wamu omutima gwange okutya erinnya lyo.*

32 Njogera kaakano ku *kabonero k'okwegatta n'ekiseera kyako*. Kati, mu ssuula ey'e 16 ey'enjiri y'Omutukuvu Matayo:

Abafalisaayo n'Abasaddukaayo ne bajja,. . . nga bamukema, ne bamusaba nga baagala *okubalaga akabonero okuva mu ggulu.*

Naye n'addamu n'abagamba nti, Bwe buba akawungeezi, mugamba nti, Nja*. . . Bunaaba bulungi: kubanga eggulu limyuse.*

N'enkya nti Wanaaba wansi*. . . omuyaga leero: kubanga eggulu limyuse libindabinda. Bannanfuusi mmwe, mumanyi okwawula eggulu bwe lifaanana; naye* temuyinza *kwawula bubonero bwa* biro?

Mukama agatte emikisa Gye egy'omuwendo ku kusomebwa kw'Ekigambo kino.

33 Kati, twogera ku kwegatta kuno, ekiseera ky'okwegatta; akabonero k'ekiseera ky'okwegatta. Olaba, Yesu wano, mu Kyawandiikibwa kino ekisembyeyo kye tusomye, yali anenya abakulembeze b'enzikiriza olw'obutasobola kwawula biseera newankubadde akabonero k'ebiseera. Kati, ekyo ebbanga lyonna kibaddenga kintu kikulu eri abantu, olaba, okuba n'obusobozi okwawula *akabonero k'ebiseera by'olimu*; kubanga ye Katonda akiwandiika mu lwatu waleme kubaawo muntu yenna akisimattuka.

34 Kati, bulijjo, ntera okuddayo ne ntandikira ku baweereza abalala, abaddu ba Mukama abalala mu biro bya Bayibuli (okugeza nga akabonero akaaliwo mu biro bya Nuuwa, akabonero k'ebiro bya Danyeri n'o—n'obulala, obubonero obw'enjawulo), naye ekyo njagala kukyewala akawungeezi kano oku—okusobola okulokola obudde, okusobola oku... Naye eyo ebaddenga nkola ya Katonda, okubawa a—akabonero akalabikako akakwata ku biro, buli omu asobole okumanya ebiro ebyo kye—kye biri. Era Abafalisaayo bano baali basaanye okuba nga bamanyi ebiro byabwe. Baali basaanye okumanya ebiro ebyo bwe byali. Yayogera awalala nti, "Ssinga mwantegeera, mwanditegedde olunaku Lwange." Okiraba? Ki—kikulu nnyo, kintu ki—kikulu nnyo ffe okutegeera. Olaba, "Awatali kutegeera!"

35 Ky'ekyo kye baajulizanga ku bannabbi, ne bagamba nti, "Era yabanga n'okutegeera, olw'okwolesebwa kwe yafunanga okuva eri Mukama. Era Ekigambo kya Katonda kyajjanga eri ba—bannabbi ab'edda." Olaba, baabeeranga n'okutegeera okuyita mu Kigambo kya Mukama, okuyita mu bannabbi. Era, bannabbi baawanga akabonero. Okugeza, omusajja omu yagalamira ku ludda lumu okumala ebbanga ddene, ate oluvannyuma n'akyuka n'agalamira ku ludda olulala. Omusajja omu ate ye yalina kweyambula ngoye ze. Era ha, waliwo ebintu bingi bye baakola okulaga akabonero ke baalimu. Era kaakati tumanyi nti Katonda oyo eyakola eggulu n'ensi, bw'atyo n'a—n'ayoleka omulimu Gwe asobole okunnyonnyola ebiro Bye nga akozesa akabonero, Katonda y'omu oyo mulamu leero. N'olw'ekyo tulina okubaako, n'ekintu kye...Nga bwe tulaba e—ebiro bye tulimu, wateekwa okubaawo ekintu omuntu omu ky'abuusizza amaaso, awantu awamu. Okiraba? Kubanga Katonda tasobola kuganya bintu bino kubaawo nga tatuwadde kabonero ka nkukunala, ako ke, ke—ke tusobola okutegeererako.

36 Kati kiikino ekiriwo leero, abakulembeze b'enzikiriza, kye tutasoma mu butuufu bw'akyo. Kiringa bwe kyali luli, tebaalowooza nti kye kyali ekiseera. Ba—baalowooza nti baali babukalidde mu mirembe mu kiseera ekyo, bwe batyo baali

tebalindiridde Masiya yenna. Nga ate Yesu yagamba nti Okujja Kwe kuliba "nga omubbi mu kiro," abantu we balibeera nga—nga tebasuubira Kujja Kwe. Naye waaliwo abamu ku mbeerera abaagenda okumusisinkana, ekitundu ku bo, baalina amafuta mu ttabaaza zaabwe era baali beetegefu; baali balindiridde kabonero ako. Era njogera eri abo akawungeezi kano, okiraba, eri abo kati abalindiridde akabonero, akabonero k'Okujja Kwe.

37 Obubonero buno obutuweebwa, Mukama waffe, buweebwa eri bakkiriza bokka. Abatakkiriza tebabulaba. Bubayitira ddala ku mitwe, ne batabulaba. Era kati, nga bwe kiri nti Malayika wa Mukama asobola okuyimirira ku katuuti kano akawungeezi kano, nga kya nnamaddala nga—nga bwe mbatunuulidde, nga nsobola n'okukiraba; oba nga mmwe musobola okukiraba naye nga nze ssikiraba, oba nga nze nkiraba naye nga mmwe temukiraba. Kati, ekyo mukimanyi nti kiri mu Byawandiikibwa; ago ge Mazima gennyini. Baalaba . . . Omanyi Pawulo yagwa wansi, naye bali . . . tewali n'omu ku bo yasobola kulaba Kitangaala kiri.

38 Ekitangaala ekyo kyaliwo awo wennyini Yokaana bwe yayimirira awo mu maaso g'enkuyanja, n'enkumi eri ku lubalama, ez'abakulembeze b'enzikiriza n'a—n'abagezigezi, abasajja ab'ekitalo. Era Yokaana agamba, ye kennyini nti, ategeeza nga bwe yalaba Omwoyo wa Katonda nga akka nga ejjiba n'Amukkako, n'Eddoboozi erigamba nti, "Ono ye Mwana Wange omwagalwa gwe nsanyukira okubeeramu." Naye tewali n'omu yakiraba okujjako Yokaana. Okiraba? Ky'ali kikye yekka.

39 Wali weetegerezza engeri, akabonero k'abasajja abagezegezi gye kaali ak'enkukunala? Baatunula, waaliwo . . . Baali Baebbulaniya. Mu butuufu tebaali Bayindi abaakuguka mu by'omubwengula, baali Baebbulaniya; kubanga baali waggulu eri mu ggwanga liri nga basoma ku by'omubwengula, bamalirize emisomo gyabwe. Era bwe baali . . . bwe baatunula okwolekera Yerusaalemu, nga bamaze okukitegeera nti balabye emmunyeenye ezo essatu okuva mu buli omu ku bo gy'a—gy'asibuka, okuva mu Kaamu, Seemu, ne Yafeesi, okuva mu lulyo mwe bava, buli omu, ne balaba emmunyeenye ezo mu bifo byabwe gye basibuka. Ako kaali kabonero gye bali, nti emmunyeenye ezo zonna bwe ziba mu lunyiriri lumu, Masiya aba ali ku nsi.

40 O, bannange! Ky'ova olaba bajja babuuza nti, "Ali wa? Ali wa Oyo azaaliddwa Kabaka w'Abayudaaya? Twalaba Emmunyeenye Ye mu Buvanjuba, era tuzze okumusinza. Ali wa?" Baali bakimanyi nti Masiya oyo omuwere alina w'agalamidde awantu awamu, kubanga Katonda yali abawadde akabonero k'ebiro, akalaga nti Katonda n'omuntu baali beegatta. Nga kwali kwegatta kwa maanyi, Katonda bwe yeegatta Mwene mu mubiri gw'omuntu! Okwegatta okwo okukulu, mu kwegatta kwonna okwali kukoleddwa, kwaliwo

Katonda bwe yeegatta n'omuntu; n'ava mu lu—lulyo Lwe olukulu olw'okuba Katonda n'agaziya weema Ye n'ayingizaamu abantu, n'afuuka omu ku bo, okusobola okubanunula. Okwegatta. Ekyo ky'akola ki? Ky'aleetawo emirembe wakati wa Katonda n'omuntu emirembe gyonna. Nga tuli basanyufu.

41 Ate obubonero tebwatumibwa. . . Kati ggwe kirowoozeeko, buli muntu yenna, n'abakugu mu by'omubwengula bonna; n'abantu, mu biro ebyo, essaawa zaabwe zaabanga mmunyeenye. Waabangawo omukuumi eyayambukanga waggulu ku—ku munaala, n'atuukayo ne yeetegereza. Era bwe yalabanga nga emmunyeenye ezimu zirina engeri gye zeesengeseemu, nga bwe zitambula, n'ategeera budde ki. Mujjukira mu Kyawandiikibwa, "Essaawa ziri mmeka, omukuumi?" Era omukuumi yakomangawo n'amubuulira essaawa. Okiraba, obudde baabukuumanga bakozesa mmunyeenye.

42 Kati, tekyewuunyisa okulaba nti emmunyeenye zino zonna zaali mu lunyiriri lwe lumu eri abasajja bano nga tewali mulala yenna yakiraba? Okiraba? Nga ziri mu lunyiriri lumu zonna. Kati, osobola okubeerera ddala nga oli mu lunyiriri lwe lumu n'Ebyawandiikibwa. Okiraba? Emmunyeenye ezo bwe zakwatagana, ne zeegatta wamu mu nsengeka eno, n'abasajja abasatu nabo baali beegasse wamu mu kiseera kye kimu. Era osobola okuba bumu nnyo ne Katonda, mu Kigambo Kye, okutuusa ebintu bino lwe bifuuka eby'obuliwo, nga osobola okubirabako n'otegeera nti bya nnamaddala. Okiraba? Akabonero k'ebiro! Oyinza okukabuusa amaaso, n'ogamba nti, "Ah, temuli makulu!"

43 Naye eri *ggwe* ssi kintu ekitalina makulu. Eri ggwe, oba weegasse wamu n'Ekigambo, era kiikino. Kati awo ki—kiba Kitangaala kyennyini, Ow'oluganda Pat, bw'o—bw'o—bw'o—bw'olaba akabonero kano nga keegasse n'omukkiriza. Era oyo kino gwe nkigamba, ye mukkiriza, kubanga atakkiriza tasobola kukiraba. Era nga kwandibadde kunenya kwa maanyi ssinga abadde ku nsi leero, eri bangi ku bakulembeze b'enzikiriza zaffe leero, abatasobola kusoma kabonero kano; obubonero bwe tusoma buli lunaku wano mu kkuŋŋaaniro, nga bwe tulaba ebintu. Nga n'abalala babusoma era ne balaba omukono oguwandiika ku kisenge, kyokka ate nga bangi tebabufaako, nga n'okubulaba tebabulaba. Nga tebulina n'ekimu kye butegeeza gye bali; tebabulaba.

44 Kati mwetegereze, nti mu kino, ya—yanokolayo obubonero bw'amawanga. Kati, bwe baamubuuza ebikwata ku kino, baali baagala bubonero; era n'Abawa obubonero obwali bumaze okubaawo. Era baayagala bategeere ddi enkomerero y'ensi lw'eribaawo, na kabonero ki akalibaawo ku nkomerero. N'abanokolerayo ku bitundu bingi okuyita mu Byawandiikibwa ebikwata ku bubonero bw'amawanga, n'ebikwata ku kabonero k'omu bwengula, n'akabonero k'oku nsi; yabawa obubonero,

akabonero, obubonero, yabeeranga abawa akabonero. Era bwe . . . Yabagambako ku kabonero k'eggwanga awamu. Yagamba nti, "Bwe muliraba amawanga," olaba, "nga gatandise okwekuŋŋaanya okwetoloola Yerusaalemi," olaba, awo tutegeere nti ekiseera ky'emitawaana gyabwe kisembedde, "bwe muliraba Yerusaalemi nga kyeetooloddwa amagye."

45 Kati, nga kino tebannakikola, Katonda . . . ensi yalina okwegatta. Tito, omugabe wa Roma ono ow'ekitalo, yalina okugatta wamu amagye ge alyoke ajje, oluvannyuma lw'Abayudaaya bano okugaana akabonero Katonda ke yabawa ak'ebiro. Ekyo kye kiseera Tito we yagattira wamu amagye ge, n'ajja awambe ekibuga. Okusooka waalina okubaawo okwegatta kw'abantu ba Katonda (nga bwe bayitibwa) okulwanyisa Ekigambo kya Katonda, nga eggwanga terinnaba kwegatta wamu kulwanyisa bantu ba Katonda. Okiraba, o—o—obumu, okwegatta; okwegatta wamu.

46 Nzikiriza nti tuli mu kiseera ekikulu eky'okwegatta. Nkozesa ebitaala bino ebimyufu, n'obubonero obulabula na buli kimu kyonna (ebikwata ku bakazi, engeri gye beeyisaamu; n'abasajja, engeri gye beeyisaamu; n'amakanisa, engeri gye geeyisaamu), okulaga akabiina kano akatono, n'omutima gwange gwonna, nti nzikiriza nti tuli mu kwetereeza mu layini y'enkola y'Ekigambo kya Katonda mu kiseera kino ekikulu eky'obunnabbi, nga Okujja kwa Mukama waffe Yesu tekunnabaawo; nga twegatta wamu era nga twetegeka.

47 Kati, olaba, Tito bwe yali tannagatta wamu mawanga ga . . . magye ge wamu, Yisiraeli baasooka kwegatta wamu ne beesiba ekinywa, nti tebajja kukkiriza Yesu kuba nti ye Masiya. Baamugaana, ne bamugobera ebweru, ne bamukomerera. Kati oluvannyuma, nga bamaze okugaana obulokozi obwali bubatumiddwa, beegatta wamu bakikole. Kaakati, ekyo kikuumire mu birowoozo byo: beegatta wamu, okugaana Obubaka bw'ekiseera! Ekyo baali baalina okukikola. Era ekyo bwe baakikola, awo akabonero k'amawanga ne kayingirawo.

48 Amawanga ne gatandika okwegatta wamu, Tito n'aleeta eggye lino ery'ekitalo ery'Abaruumi n'Abayonaani ne lyebulungulula ebisenge bya Yerusaalemi, ne lizingiza abantu abo munda kaakano, bwe batyo ne bafa enjala. Baalya bikuta bya miti. Josephus, munnabyafaayo ow'ekitalo, bw'atyo bw'atugamba. Era ne balya n'omuddo okugumala ku ttaka. Baatuuka n'okufumba abaana ba bannaabwe ne babalya; okiraba, nga balinga abatabuse emitwe. Kati awo, ku nkomerero ya byonna, Tito, yali atudde waggulu eri ku busozi, okwetooloola Yerusaalemi eyo, era—era abantu abo abaali munda eyo baali balowooza nti bakola kwagala kwa Katonda, bwe baalaba amagye gano nga gakumba gayingira. Baali baagaana okuwuliriza Omuyigiriza oyo Omukulu, Mukama Yesu, nga abibagamba.

49 Tewaaliwo yadde n'omu ku Bakristayo eyakwatibwa mu nda eyo, kubanga baalaba akabonero ne bafulumamu. Okiraba? Baagamba nti, "Abo abali waggulu ku kasolya k'ennyumba tebakkanga wansi, newankubadde oyo ali mu nnimiro okuddayo eka, takimanga kkooti ye; wabula muddukire mu Buyudaaya, era musabe nti ekidduko kyammwe kireme kubaawo mu biro eby'obutiti newankubadde ku Ssabbiiti." Kubanga, mu biro eby'obutiti, o—obusozi buba bujjudde omuzira; ate ku ku lunaku lwa Ssabbiiti, omulyango—emiryango gyaabaanga miggale, wankaaki, nga mu mbeera eyo bajja kuzingizibwa bakwatirwe mu mbeera eyo. Okiraba? Twagala kutuuka kw'ekyo mu bwangu ddala ekikwata ku . . . engeri Katonda gy'akola ebintu ebyo, Mukama bw'anaaba ayagadde.

50 Wekkaanye kati, Ye . . . Baasaba kibeere bwe ki . . . kireme kubeera bwe kityo, Yesu ekyo kye yabagamba okusabira, era tebakwatirayo n'omu ku bo munda eyo. Baali baagenda kubanga baatunuulira akabonero, era baali baagenda; ky'ekyo kyokka ekyaliwo.

51 O, nga amakanisa leero gasaanye okulaba akabonero k'ebiro bye tulimu! Dduka bunnambiro nga bw'osobola eri Kalivaaliyo, okufuna Obulamu; sso ssi eri kkanisa gundi, wabula eri Yesu Kristo. Weegatte wamu naye, so ssi kwegatta na kibiina ekimu oba na kiyiiye kya kkanisa emu. Weegatte ne Kristo, era okakase nti ye Ye. Tosobola kumala gatwala kintu kyonna, oteekwa okukakasa nti ye Ye. Nga kiseera kya kwegatta!

52 Kati, tukiraba nti baagaana Masiya oluvannyuma ne beegatta wamu ne beekolera ekinywi, ne baleeta e—e . . . ekiteeso mu bo nti ssinga omuntu yenna anakkiriza Yesu okuba Nnabbi, wa kugobebwa mu kkanisa. Mujjukira omulenzi muzibe w'amaaso eyali yazaalibwa n'amaaso agatalaba? Abayigirizwa ne bagamba nti, "Ani yayonoona? Ye, oba kitaawe, oba nnyina?"

53 Yesu n'abagamba nti, "Mu nsonga eno, tekuli n'omu ku bo; wabula yazaalibwa bw'ati emirimu gya Katonda gisobole okukolebwa, okulabisibwa."

54 Era mujjukira, baagamba nti kitaawe ne nnyina baali tebasobola kwogera. Baagamba nti, "Bamanyi nti ono mutabani waffe, naye naffe tetumanyi bwe yawonyezeddwa." Kubanga Abayudaaya baali baagamba nti omuntu yenna amuyita Nnabbi, wa kugobebwa.

55 Naye, olaba, emirimu gya Katonda gyali nti omulenzi ono teyali wa mu kibiina ekyo. Bw'atyo n'agamba nti, "Kati, kinneewuunyisizza okuba nti temumanyi wa Musajja ono gy'ava, ate nga Ye yanzibudde amaaso." Okiraba? Kati, ekyo yali asobola okukyogera. Okiraba, egyo gye gyali emirimu gya Katonda. Yali awonyezeddwa, era nga ateredde, era yali asobola—yali asobola okukyogerako kubanga teyalina kakwate konna kuva wantu wonna. Emirimu gyali gikoleddwa ku ye, era

mazima ddala yalaba e. . . omulundi gwe ogusookera ddala mu bulamu bwe.

56 Kaakati, Abayudaaya beegatta wamu okulwanyisa Yesu n'o—n'omulimu gw'Obwamasiya Bwe, n'Obubaka Bwe Obwamasiya. Tulaba ekintu kye kimu nga kigenda mu maaso leero, ekintu kye kimu kyennyini. Obwannaakalyak'ani buli mu kwegatta okusanyaawo ekkanisa, era engeri yokka gye ki. . . kya kubaawo nga ekkanisa nayo emaze okwegatta, mu Kakiiko k'Amakanisa, Akakiiko k'Amakanisa ak'Ensi yonna, okwegaana n'okusanyaawo Obubaka, Ekigambo! Bagaanye Ekigambo, amakanisa gakigaanye! Tebasobola kukikkiriza kubanga kikontana n'ebiyiiye by'amadiini gaabwe; ne bwe wanabaawo Empagi z'Omuliro mmeka ezinaalabikira mu. . . wakati mu bantu, oba bantu benkana wa abanaa. . . oba bintu bimeka ebinaalagulwa ne bituukirira, n'obubonero bwonna obw'ekitalo bwe yasuubiza okubaawo mu nnaku ez'oluvannyuma; tebasobola kukikola.

57 N'olw'ekyo, bali mu kwegatta wamu kati, era omusumba wammwe wano n'abalala basobola okubabuulira, abo abakisomako, nti bali mu. . . balina kaweefube w'okugatta amadiini gonna ag'e—e—ensi. Era. . . waliwo omuweereza w'Abaluzalaani akikulembeddemu. Kibeere nti, ssinga wabaawo akatyabaga konna, akabaawo mu muliraano gwa wano; bwe tuba tetwegasse ku kaweefube oyo ow'okugatta amadiini, ekkanisa yaffe eba tekyasobola kusigala nga kkanisa, era baba basobola okugikozesa nga ssitoowa y'ebintu. Oba ssinga omu ku ffe ab'oluganda abaako omuntu gw'alaba nga afa oba nga alumizibwa, n'agezaako okuweereza gy'ali omukisa gwonna ogw'Omwoyo, twandikubwa amasasi olw'ekyo; ddala kituufu. Tuyinza okusibibwa emyaka kkumi mu kkomera lya gavumenti y'ekitundu kino olw'okuweereza mu ngeri yonna, kubanga tetuli bammemba ku kaweefube ono ow'okugatta amadiini. Temulaba kabonero ka nsolo? Mukiraba? Mukiraba?

58 Kaakano, tulaba ekiseera kino eky'okwegatta nga kijja. Okiraba? Kati, wekkaanye! N'ekkanisa nayo yegasse wamu okulwanyisa Obubaka; era ekyo nga bw'ekikola, n'amawanga gali mu kwegatta wamu mu Bwannaakalyak'ani okusaanyawo ekkanisa nate; kyennyini nga kye gaakola mu kusooka. Okiraba? Kyeddiŋŋana nate.

59 Yisiraeli yalina okusooka okugaana Obubaka. Era bwe baagaana Obubaka, awo amagye, obulamu bw'eggwanga ne bwegatta wamu (n'ag'amawanga amalala), ne gajja ne gasanyaawo ekkanisa. Ne leero, bagaanye Obubaka bwa Mukama waffe Yesu, era babugaanidde ddala. Era kaakano, ekiseera kituuse nga Obwannaakalyak'ani buli mu kugatta wamu ensi yonna okulwanyisa ekkanisa. Mukiraba, kirina kuba bwe kityo. Kati, ekyo kizibu okwogera.

60 Kyali kizibu eri Abayudaaya abo okukkiriza. Baagamba nti, "Kati mujje, ab'oluganda, tukimanyi nti—nti Katonda wa—waffe ali naffe, n'olw'ekyo tu—tugenda kuyingira mu yeekaalu. Kale kati tugenda kusaba, era leka kitaffe omutukuvu *Gundi* ne kitaffe omutukuvu *Gundi* batukulembere mu kusaba. Muggaleewo wankaaki!" Ne Tito nanywerera ku kye yaliko, n'asigalawo awo nga taseguka okumala omwaka nga mulamba oba n'omusobyo. Mukiraba, nga agumbye, n'abalumya enjala okutuusa okufa. Tewaali n'omu ku bo yali asobola kufuluma kibuga; bwe batyo ne bafa, enjala. Era bwe yayingira munda n'amenya bbuggwe, omusaayi gwatiiriika ne gukulukuta nga emigga munda eyo mwe yasanjagira buli kimu ekyalimu.

61 Kati, ekyo Malayika wa Mukama yali yakiragulako, eri mu Ndagaano Enkadde, n'agamba nti ekyo kyali kya kubaawo. Naye ate abaweereza, abaali abakulembeze b'enzikiriza, abaali bateekwa okuba nga bakimanyiiko n'okukitegeeza abantu, mu kifo ky'okukola ekyo, Yesu bwe yayimirira mu makkati gaabwe, n'okumutegeera tebaamutegeera; naye baagezaako n'okukola e—e . . . engeri y'okuba nga a—abamukemekkereza nti, "Tukolereyo akakolomooni, tulabe bwe—bwe kakolebwa! Tulageeyo akabonero." Okiraba?

Naye n'Agamba nti, "Nze . . . " Nga ate, yali akoze ebintu bingi nnyo, naye nga tebasobola kubiraba. Okiraba? Era bwe baamugaana nga . . . Obubaka bw'ekiseera ekyo, baagaana Obubaka bw'ekiseera ekyo.

62 Baalemwa okulaba akabonero k'ekiseera ekyo. Ate nga akabonero ka—obunnabbi bwa Bayibuli bwali bukoleddwa mu maaso gaabwe, naye baagamba bugambi nti, "Tuyingire munda kati!" Abo nno baali basajja batukuvu. Baali basajja be wali tosobola kusonga lunwe ku bulamu bwabwe. Baali tebasobola kubeera *kiri*, ate ne—ate ne baba ba—–ba—bakabona. Kabona yattibwanga, yakubibwanga amayinja okutuusa nga afudde olw'akantu akatono konna ke yabanga akoze. Kale yalina okutambulira mu bulamu obulongoofu, obulamu obutukuvu. Yabeeranga tasobola kukikola, kubanga yakubibwanga amayinja olw'ekintu kyonna. Kale kati baali basajja ba kitalo, era nga basajja batukuvu mu maaso g'abantu, kyokka ate nga be baayingira munda ne bagamba nti, "Kati, tujja ku . . . Tulina Katonda, Katonda Oyo y'abadde naffe okuyita mu mirembe gyonna. Tujja kugenda mu yeekaalu Ye entukuvu." Eyo yali yeekaalu ya Katonda entukuvu! Naye, mulabe, yali agaaniddwa mu yeekaalu Ye entukuvu. Mukiraba? "Tujja kugenda mu nnyumba ya Mukama. Kaakati mmwe mwenna Abaebbulaniya mukimanyi nti ffe ggwanga eddonde, ekyo kye tuli, wano. Ne Katonda ye Katonda waffe; Katonda wa Ibulayimu, Isaaka, ne Yakobo. Ali naffe. Ajja kutununula mu mukono gw'Abafirisuuti abo abatali bakomole (nga bw'oyinza okubayita), Abaruumi abo

n'Abayonaani. Ekyo ajja kukitununulamu. Mujje tuddukire mu nnyumba ya Mukama!"

63 Ekyo kyawulikika nga ekirungi; naye kiki kye baali bakoze? Omuzimbi w'ennyumba yaliyo munda eyo, mu nkula ey'omubazzi Omugaliraaya owa wansi, naye ne bamugaana; nga ate Katonda yali amaze okumukakasa okuba Omubaka We ow'ekiseera, era Ettabi. Kyokka ne baligaana. Kale kati okusaba kwonna, obwesimbu bwonna, ssaddaaka zaabwe zonna tezaalina makulu eri Katonda. Baali bamaze okukikola! Era bw'atyo Katonda n'aganya eggye lino ery'ekitalo lyegatte okukizikiriza.

64 Era tulaba leero, nga amakanisa okuyita mu bibiina by'amadiini n'ebirala, gagaana Ekigambo kya Katonda. Tebaagalira ddala obabuulire ku bintu bino, ate nga ssayaansi asobola okubikakasa okuyita mu bifaananyi na buli kimu kyonna, naye era basigala tebaagala kintu kyonna kirina kakwate nabyo. Kale obwannaakalyak'ani bwekuŋŋaanya okusobola okukisanyaawo, nga Tito kyennyini kye yakola, era Bayibuli egamba nti bajja kukikola. Mazima!

65 Kati, mulaba we tuli? Kiseera kya kwegatta, bwe tulaba ebintu bino nga byegatta. O, lwaki tulemererwa okulaba ebintu bino? Osobola—osobola okutunula wano mu Byawandiikibwa n'olaba ekyo wa we yakisuubiza, ky'Alikola. Kaakano, tukiraba nga kituukirira. Tulaba mu kkanisa ekyo kye yasuubiza okukola; tukiraba nga kituukirira. Tulaba amawanga nga geegatta wamu. Tulaba enkola z'eby'obufuzi nga zeegatta wamu. Tulaba amakanisa nga geegatta wamu. Kiseera kya kwegatta. Ssaawa ya kwegatta. Ogwo gwe mwoyo gw'omulembe nti, "Tulina okwegatta." Buli ky'oyogerako kirina okuba nga kya bwegassi; oba ssi ekyo gavumenti eba tejja kukikkiriza.

66 Omanyi, nga munnansi . . . Ssisobola nze nga munnansi, nga munnansi w'Amerika, ate nga ndi—ndi . . . oyinza okumpa cceeke ya ddoola ttaano naye ne mba nga ssikkirizibwa kuwandiikako linnya lyange. Hmm. Mulaba, ssisobola kukikola. Mukiraba, kiseera kya kwegatta. Byonna birina okuyita mu bumu obw'engeri emu, era obumu obwo kye kintu kyennyini ekireeta akabonero k'ensolo. Mukiraba? Kiseera kya kwegatta, era kigenda mu maaso nga kikomekkereza mw'ekyo. Osobola okukiraba n'amaaso gokka, ssinga okyekaliriza. Kiseera kya kwegatta, nga buli kimu kiri mu kwegatta wamu.

67 Omuyudaaya—Abayudaaya beegatta balwanyise Yesu, nga—nga Masiya waabwe. Kale, tulaba ekyabaawo. Tulaba ekintu kye kimu kaakano, obwannaakalyak'ani nga bwegatta okusaanyaawo ekkanisa, oluvannyuma lw'ekkanisa okwegatta mu Kakiiko k'Amakanisa ak'Ensi yonna n'okugezaako okusaanyaawo Obubaka, Ekigambo kya Katonda. Bagezaako okukisaanyaawo. Ekintu kyokka kye basobola okukola kwe

kwekolera akakiiko, kubanga kati bonna beeyawudde; akabiina akamu wano, Abamesodisiti, n'Ababaputisiti, n'Abaluzalaani, n'Abapulesibiteriyani, ab'enzikiriza y'Ekkanisa ya Kristo, n'obulala bwe butyo. Tebalina kye basobola kukola, kubanga *ono* ajja kuba awakanya *ono*, ate *ono* nga awakanya *oli* omulala, enjigiriza zaabwe zaawukanira ddala nga obuvanjuba bwe bwawukana ku bugwanjuba. Okiraba, tebasobola kukikola. Naye bwe bamala okukwatagana, wansi w'obukulembeze bumu obunene, baba bakimaze. Awo baba bakimaze.

68 Bwe batyo Abakatuliki bwe bali ennyo mu bumu, Abakatuliki b'e Roma, weewaawo bali mu bumu, be ba. . . abasinga obungi be Bakatuliki b'e Roma; naye Abakatuliki Abayonaani n'Abakatuliki bali abalala te—tebafaanana nnyo nga Abakatuliki abe Roma. Kaakano beegatta wamu, era eyo ye nsonga lwaki bayimirira wamu. Ka kibe kiki kyonna ekibaawo, ppaapa oyo ye mutwe gwa buli kimu. Mukiraba? Era omuntu omulala yenna ne bw'ayogera ki, "Ye y'atuukiridde; ye—ye—ye musigire wa Katonda, ekyo ky'ali; y'addirira Katonda; alina obuyinza ku ggeyeena, Eggulu, ne puligaatooli." Okiraba? Kale tewali kintu n'ekimu kisobola kukolebwa mu nsonga *eyo*; kyonna ky'ayogera, kye kirina okukolebwa.

69 Kati, n'enzikiriza Ezaawakanya obukatoliki ziri mu kwefunira mukulembeze owaazo, nazo. Era Bayibuli tegamba nti waaliwo ekifaananyi ekyakolebwa eri ensolo? Ekifaananyi kye kiki? Kye kintu ekifaanana kinnaakyo, nga kyakolebwa nga kyo. Kiikyo, ekintu kye kimu. Kye kiki? Okuyita mu kwegatta awamu, era guno gwe mwoyo gw'omulembe, *kwegatta*.

70 Nga beegatta wamu kaakano, okugezaako okusaanyaawo Obubaka. Babusaanyaawo batya? Bayinza batya okusaanyaawo Ekigambo kya Katonda? Basobola okukifuula ekitalina maanyi, nga tekikola, nga bakkiriza obulombolombo nga bwe baakola luli ku luberyeberye, ne baleetera Ekigambo kya Katonda okuba nga tekikola. Mulaba, bagamba nti, "O, ekyo. . . Mazima, ndaba, . . . " Mulaba omukazi ono omukaafiiri agezaako oku. . . ya. . . nneerabidde erinnya lye ate; ssinga mbadde nsobola okulijjukira. Ya. . . Nnina bangi be ngezaako okulowozaako.

71 Nnali ndowooza ku ono Muky. Nation luli; ssinga waakiri tubaddeyo n'omulala alinga oyo n'agolokoka. Oyo ye mukazi eyayingira mu mabaala n'ayiwa eri omwenge gwonna, n'akasuka eri obupande bwonna na buli kimu kyonna. Lwaki tewagolokokayo mukazi mulala nga oyo, n'afulumako wano n'ayuzaayuza ebimu ku bifaananyi bino eby'obukunya eby'abakazi bano ab'eggwanga lye, n'ebintu ebiringa ebyo? Ne, baba nga tebakyabirina.

72 Kati, naye omukazi ono, omukaafiiri, eyagamba nti—nti "Bayibuli kimenya mateeka, okugisomera mu masomero ga bonna," n'ebintu ebiringa ebyo.

73 Kati n'ekirala, mwali mwegenderezza nate, nti kati bagezaako okugamba, nga ate basomi ba Byawandiikibwa ab'ekitalo, bagamba mbu, "obunnabbi bungi obwalagulwako mu Bayibuli obwali obukyamu ddala, era tebwatuukirirako yadde." Era ekyo mwali mukiwuliddeko era mwali mukisomyeko. Era bagezaako okwogera buli kimu kyonna; olaba, bagezaako okusaanyaawo amaanyi g'Ekigambo ekyo. Ssinga bafuna obuwanguzi mu kukiwaanyisaamu n'ekiyiiye mu kifo kyakyo oba ekintu ekimu abantu kye balina, ekyo mu maaso gaabwe ekirabika nga ekisinga Ekigambo, olwo ne bakisaanyaawo no—n'obulombolombo bwabwe. Kati bwe batyo bwe bagezaako okusaanyaawo Ekigambo kya Katonda, okuyita mu by'obufuzi eby'ebibiina by'amadiini.

74 Kati, buli kkanisa erina eby'obufuzi byayo. Enzikiriza y'Ekkanisa ya Kristo erina ebyaayo, enzikiriza y'ekkanisa y'Abakristayo erina ebyaayo, n'Ababaputisiti, n'Abamesodisiti, n'Abapulesibiteriyani; bonna balina eby'obufuzi byabwe eby'enjawulo. Kati, ebyo byonna bagenda babyerekereza kubanga beeyawuddeyawudde. Okiraba, baali tebasobola kukikola mu kusooka, balina kukikola kati. Okiraba, kino kye kiseera ky'okwegatta, era kaakano byonna babigatta wamu babikuŋŋaanye wamu balabe kye basobola okuvaayo nakyo eky'awamu. Bannange, ekyo kifaanana nga okukola omugaati mu nnyama y'embalaasi, n'ebisasiro okuva mu kirebe, n'ebirala byonna bye balina nga obigasse wamu; n'obigatta, n'ogattamu lumonde omuvundu n'ebintu nga ebyo, n'olaba ky'ofunamu. Amazima gali nti ssikyetaaga. Nedda, ssebo! Bwe batyo bwe bakikola. Olaba, bagatta abantu abakkiriza nti Yesu yali lufumo bufumo, ekkanisa ekkiriza nti Yesu yali lufumo bufumo; ate abalala, abamu nga bakkiriza nti yali nnabbi bunnabbi.

75 Omu agamba nti, "Ennaku z'eby'amagero zaakoma dda."

76 Ate omulala n'agamba nti, "Ekintu bwe kityo kyandibaayo."

77 Ate nga mu bino byonna; Bayibuli yagamba nti, "Ababiri bayinza batya okutambulira awamu okujjako nga bakkiriziganyizza?" Okiraba? Kaakati, ekyo kye kika ky'obumu bwe balina. N'okufunayo kitaabwe omutukuvu ow'ekitalo ow'okuteeka ku ntikko yaakyo, kati awo oba ofunye ekifaananyi ky'ensolo, nga kifaananira ddala nga Bayibuli bw'egamba. Kaakano balina omuweereza Omuluzalaani, nga y'akikulira. Mazima, tukiraba nti kiseera kya kwegatta. Ekintu kye kimu kati, Obwannaakalyak'ani n'ebirala biri mu kwegatta wamu; mu nsi yonna, ne mu kkanisa n'awalala wonna, byegatta wamu.

78 Wekkaanye obutonde. O, bannange! Obutonde, ssinga wekkaanya obutonde, nabwo bukola ekintu kye kimu. Obutonde ye kalenda ya Katonda ey'obubonero. Ekyo obadde okimanyi? Yesu yabagamba bekkaanye obutonde. Ennyanja eriba ewuluguma, olaba, era walibaawo ebintu eby'enjawulo,

n'ebikankano mu bifo eby'enjawulo, okwegugunga kw'amawanga, obubonero mu bwengula, obubonero ku nsi, buli wamu wonna walibaawo obubonero bw'ebiseera bino ebijja.

79 Wekkaanye ebire. Ebire bwe biba tebinnavaamu nkuba ya muyaga, ekyo mumanyi engeri gye kikolebwamu? Ebire ebitono eby'enjawulo bikuŋŋaana wamu, ne bikola ekire kimu ekinene. Kati awo, kino ekimu kibaako n'embuyaga entonotono ekikunsa, ne kino ekirala nga kirina embuyaga entonotono ekikunsa, bwe bijja ne bikuntira wamu byonna, oluvannyuma ne bivaamu omuyaga ogw'amaanyi. Okiraba? Bisooka kwegatta nga tebinnavaamu muyaga; biteekwa okukikola.

80 Weetegereze embaata n'embaatakabuzi bwe zeegatta nga tezinnava mu nsi yaazo. Okiraba? Zeegatta wamu. Oziraba nga zibuuka okuva mu kidiba kino okudda mu kidiba ekirala, okuva wano okudda wali, nga zonna ziri wamu. Nga zeegatta wamu, nga zeetegekera okusimbula. Okiraba, ekyo kiri nti . . . obwo bwe butonde, ate Katonda ye yatonda obutonde, era obutonde bukolera ku ntegeka ya Katonda. Eryo tteeka, tteeka lya Katonda eritali liwandiike, obutonde okukola okusinziira ku tteeka Lye.

81 Kiri nga, bw'oyinza okwogera ku maziika, wabaawo amasanda agakkirira wansi mu magombe, ku ntobo y'omulandira gw'omuti, gabeere eyo okutuusa lwe galizuukira mu kiseera ky'enkuba. Eryo tteeka lya Katonda. Tewali magezi gasobola kuleetera masanda ago kukkirira wansi eyo; tosobola kuganyuunyuntamu, tosobola kugakamulamu. Tewali ngeri ya kukikolamu esinga ku ngeri Katonda gy'akikolamu. Katonda y'alina enkola etuukiridde. Kale kati ebikoola bwe binogokako, awo amasanda n'Agakkiriza wansi mu magombe n'agakweka. Nga Yobu bwe yayogera nti, "Nkweka mu magombe okutuusa obusungu Bwo lwe buliyita." Okiraba? Gakkirira wansi eyo kubanga eryo lye tteeka eriri mu butonde, nga omuzira tegunnakka. Tunuulira kati engeri gye gutandise okuwaatula ebikoola. Lwaki? Tteeka eriri mu butonde.

82 Embaata zijja kwekuŋŋaanya wamu, buli emu, zikuŋŋaanire awali ezikulembera. Mu zo zijja kubaako engeri gye zimanyaamu, ssimanyi bwe zikikola, naye zikitegeera nti embaata eri ensajja y'ezikulembera. Kati embaata eyo, zonna zeegatta wamu ne zikuŋŋaana okugyetooloola, ne zitumbiira mu bbanga. Era ejja . . . kati eyinza okuba tebuukangako kuva mu kidiba ekyo, naye ejja kugenda butereevu mu Louisiana oba mu Texas nga ebuuka nga bw'esobola, egwe mu ssamba y'omuceere. Okiraba, nga tezinnabuuka, kuva waka waazo gye zaazaalibwa omwaka ogwo, zisooka kwegatta wamu. Amiina! Kiikyo; zikuŋŋaana ne zetooloola omukulembeze waazo.

83 Omutawaana oguliwo guli nti, omuntu, ye tamanyi mukulembeze we. Yee, ssebo. Bajja kwekuŋŋaanyiza ku kibiina

ky'eddiini, bajja kwekuŋŋaanyiza ku mulabirizi oba ku muntu yenna, naye tebajja kwekuŋŋaanya kwetooloola Mukulembeze, nga ye Mwoyo Mutukuvu mu Kigambo. Okiraba? Bagamba mbu, "Ha, omanyi, ntiddemu nnyinza okufuuka omuzoolezoole; ntiddemu nnyinza okuwaba." Ohhhh, biibyo! Watya ssinga akabaata akato kagamba nti, "Amazima gali nti ssaagala ngeri gy'akubamu biwaawaatiro bye. Ssikkiriza nti nnaamugoberera." Ojja kufa obunnyogovu. Ojja kusigala awo, bw'otabuukira wamu na—na banno nga bwe bagenda. Zeegatta wamu, era ekyo obutonde kye bukola.

84 Embaata-kabuzi zeegatta wamu, ne zeekuŋŋaanyiza awali omukulembeze waazo; nazo zikola ekintu kye kimu.

85 Wali olabyeko enjuki nga zisenguka? Enjuki zeegatta wamu, nga tezinnasenguka, zeetooloola ezikulembera. Ekyo bwe kiri. Era yonna gy'alaga, nazo gye zigenda. Weewaawo! Zikola ki? Zeegatta wamu nga tezinnasenguka. Mazima ddala; obutonde bwonna!

86 Ebyennyanja byegatta wamu nga ekiseera ky'enkuba tekinnatuuka. Eyo mu guyanja ogunene, gy'osobola okubisanga; ebyo ebinene . . . bye tuyita "ebyakula ne biwola," nga ekyo ekiyitibwa salumooni. Bwe bivaayo ne bidda ku ngulu, nga ekiseera ekyo tekinnaba, ojja kubiraba nga biri mu mitwalo na mitwalo, mu nnyanja eyo, nga bijja bwe bisembera; biba mu mazzi ga lunnyo, naye ate nga byo byannyanja ebirina okuba mu mazzi agatali ga lunnyo. Era wano bijja butereevu mu mazzi ago agatali ga lunnyo, okwetegekera ekiseera ky'okubiika. Bidda ku ngulu ne bibiika, buli luvannyuma lwa myaka nga ena, era ne bifa mangu ddala nga bimaze okubiika. Era bikitegeera nti ekibitwalayo kufa, naye tewaba ngeri yonna gy'osobola kubiziyizaamu. Bijja kubuuka emiziziko egiterwawo ebyennyanja na buli kimu kyonna, nga bigenda waggulu eri, nga bikimanyi bulungi nti bigenda kufa. Naye etteeka ly'obutonde lye libireetera okukikola, nga bimanyi nti bigenda kugenda waggulu eri bibiike amagi mu kinnya, oluvannyuma bife. Kati obuto bwe bujja, oluvannyuma ne wabaawo ekibugatta awamu, ne buddayo mu guyanja. Kuba kwegatta! Eryo tteeka. Tosobola kumenyawo tteeka lya Katonda.

87 Amawanga ga—gaabulukuka, kubanga kino kye kiseera kaakano we tumanyi nti—nti gateekwa kukola ekyo. Tuli mu kiseera kya kutabangulwa kw'amawanga. Tulaba amawanga nga gamenyawo enkolagana zaago ne gannaago. Mwaka ku mwaka, tulaba nga eggwanga *lino* limiribwa obwannaakalyak'ani; ne *lino* nga limiribwa obwannaakalyak'ani. Ne wano wennyini mu ggwanga lyaffe, libuutikiddwa obwannaakalyak'ani, era bujja kuliwamba! Okiraba, bujja kukikola, tewali ngeri ya kukiziyiza. Lwaki? Ensonga y'emu lwaki wali tosobola kuyimiriza Tito. Abantu

bagaanye Katonda n'Ekigambo Kye. Yee, ssebo, n'olw'ekyo bagenda kukikola, era tukiraba nga kigenda mu maaso.

88 Ntera, emirundi egisinga, okukozesa essaawa eziwerako; nnaakamala eddakiika nga asatu kati. Mukiraba? Naye okujjayo bino byonna, mba ngezaako bugeza. Mujja kweyongera okukyekenneenya nga muzzeeyo eka.

89 Wekkaanye, bali mu kwegatta kaakano. Oyinza okugamba nti, "Ow'oluganda Branham, ekyo kituufu?" Bajja mu Lutalo olwa Kalu-magedoni; kyennyini kye bagenda okukola. Okiraba? Era beegatta ku lw'ekyo kati. Eyo ye nsonga lwaki tulina ekibiina ky'Amawanga Amagatte n'ebintu ebirala bye tulina. Amawanga g'Ebugwanjuba geegatta okulwanyisa Amawanga g'Ebuvanjuba, obwannaakalyak'ani n'ebirala, byegatta wamu. Amakanisa geegatta wamu. Buli kimu kirabika nga kiri mu kwegatta. Nga byegatta, byegatta wamu, ekyo tukiraba.

90 N'ekirala, nga waliwo okwegatta kw'amawanga kuno kwonna, n'obubonero, obubonero bw'amawanga, tulaba nate wano mu nsi, ebikankano mu bifo eby'enjawulo, nga ebintu eby'enjawulo bwe byegatta; okugatta awamu ensi yonna, okugatta awamu abantu, amakanisa gonna awamu, ebintu bino byonna. Kaakano nga okwegatta kuno kwonna bwe kugenda mu maaso, waliwo okwegatta okulala okugenda mu maaso. Amiina! Okwo kwe njagala okubasongerako kaakano.

91 Katonda ali mu kugatta mugole We. Omugole we ali mu kwekuŋŋaanya wamu, okuva Ebuvanjuba n'Ebugwanjuba, mu Bukiikakkono ne mu Bukiikaddyo. Waliwo ekiseera eky'okwegatta, era kigenda mu maaso kati. Lwaki Omugole yeegatta? Lwa Kukwakkulibwa. Amiina! Katonda amuteekateeka. Yee ssebo, yeegatta! Yeegatta na ki? Na Kigambo! "Kubanga eggulu n'ensi byonna biriggwaawo, naye Ekigambo Kyange tekiriggwaawo." Omugole ali mu kwegatta ne BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA ssi nsonga ekibiina ky'eddiini kyonna oba omuntu yenna ky'ayogera. Ye ali mu kwegatta. Yeeteekateeka. Lwaki? Ye ye Mugole. Ekyo bwe kiri. Era ali mu kwegatta wamu n'Omugole We Omusajja, okiraba, ate Omugole omusajja ye Kigambo. "Ku luberyeberye waaliwo Kigambo, Kigambo n'aba awali Katonda, Kigambo n'aba Katonda. Kigambo n'afuuka omuntu n'abeerako gye tuli."

92 Kaakano Ekkanisa n'Omugole n'Ekigambo biri mu kufuuka omu, okutuusa Ekigambo Kyo kyennyini lwe kinaakola emirimu gy'Omugole omusajja. Amiina! Mukiraba? Okwegatta! Nga tewakyaliwo bino bya, "Weegatte ku kkanisa"; ne *bino* nga tebikyaliwo, wabula dduka buli kimu osibibwe ku Yesu Kristo. Okiraba? Kye kiseera eky'okwegatta. Katonda, nga agatta wamu Omugole We, nga amukomyawo; nga bwe kirina okuba. Nga agatta wamu Ebigambo by'ekisuubizo Kye.

93 Abassessalonika Eky'okubiri, essuula ey'o 2; Wagamba, essuula eno ey'o 5 egamba nti, "Abatukuvu abeebaka mu ttaka ly'ensi baligolokoka. Era tulyegatta wamu nabo (abalamu, beegatte wamu n'abo abaali baafa), tulyegatta nga tetunnaba na kugenda waggulu Eri," kubanga Omugole aliba mujjuvu yenna wamu w'Alituukirayo Eri. Abakyali abalamu, bali mu kwegatta awamu n'Ekigambo, na bali abaagenda baakikola dda ekyo; era bonna beegatta wamu, okukola obumu obw'ekitalo obw'okwegatta nga tebannaba kwambuka wagguli Eri. Amiina!

94 Obwannaakalyak'ani buteekwa okugolokoka, ebintu ebirala bino byonna biteekwa okugolokoka, n'ekkanisa eteekwa okwegatta wamu eyo yonna gy'eri, nga . . . n'amawanga ago gonna eyo gye gali mu Kakiiko akagatta Amakanisa g'Ensi yonna; n'Omugole naye ateekwa okwegattira awamu wansi w'Ekigambo kya Katonda. Ekyo okusobola okukikola, Katonda asindise ku nsi akabonero k'Eggulu n'ebintu, ebikakasa Ekkanisa, nga bw'Akoze eri eggwanga. Amiina.

95 Katonda; kiseera kya kwegatta! Yee, ssebo. O, bannange! Kati, mujjukira, kati, waliwo okwegatta kw'Ekigambo (okwegatta awamu nate), okukomyawo "Okukkiriza abatukuvu kwe baaweebwa omulundi ogumu." Okukomyawo! Nga kino kyali kisoboka kukolebwa mu mulembe guno mwokka. Ekiseera kyokka we kyali kisoboka okukolebwa kye kino kaakati. Kwali tekulumbibwangako mu kiseera kirala kyonna; baawabiranga mu bibiina by'amadiini. Naye kati, tebakyali ba kibiina kya ddiini kyonna, kubanga kiseera kya kugatta abasajja n'abakazi aba buli ggwanga, buli langi, buli nnono, buli kimu mu Kristo okuyita mu Kubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu n'okuddayo ku Kigambo.

96 Kiseera kya kwegatta eri Ekkanisa! O, bannange! Okugatta awamu buli Kigambo ekyali kyasaasaanyizibwa buli wamu wonna nga kisaasaanyizibwa ebibiina bino: okuviira ddala e Nikeya, mu Roma, lwe baagunja ekkanisa eyasooka mu nkola y'obuntu, ne bagunja n'eya Luther mu nkola y'obuntu, ne bagunja n'eya Wesley mu nkola ey'obuntu, ne bagunja n'amakanisa amalala gano gonna mu nkola ey'obuntu. Era mu kukola ekyo, baalina okubaako ekiyiiye kye bagunjaawo, awo Katonda bwe yaweereza ekintu eky'enjawulo, ne batasobola kukikkiriza. N'olw'ekyo, kyali tekisoboka okutuusa kati. Era Katonda yasuubiza, mu nnaku ez'oluvannyuma, nti "Okukkiriza kwa bakitaffe kwali kwa kukomezebwawo nate eri Omugole," nti kiriba bwe kiti, era kyali tekisoboka kubeera mu kiseera kirala kyonna okujjako kino. Laba nga bwe kali akabonero ak'amaanyi okuva mu Ggulu, ak'Empagi y'Omuliro nga erengejjera mu makkati gaffe, n'obubonero n'eby'amagero bya Mukama waffe Yesu Kristo. Era nga bw'Ayogera gye tuli, tekiremwa kutuukirira ddala mu bujjuvu. Amiina! Kati awo tulaba we tuyimiridde. Kiseera kya kwegatta!

97 Tulaba amawanga nga geegatta, tulaba ensi yonna nga yeegatta, tulaba obwannaakalyak'ani nga bwegattta, tulaba amakanisa nga geegatta; era tulaba ne Katonda nga yeegatta wamu n'Omugole We, okutuusa nga Ye n'Ekkanisa bali ekintu kimu. Aleruuya! Nga piramiidi eyo. Ddala! Nga beegatta wamu; nga Katonda y'agatta! Lwaki? Kyali tekiddangamu kubaawo, okuviira ddala ku mulembe gw'ekkanisa ogwasooka, Empagi y'Omuliro okuddamu okulabika mu bantu. Kyali tekiddangamu kubaawo, okuviira ddala ku mulembe gw'ekkanisa ogwasooka, abantu okuddamu okulaba ebintu bye tulaba leero. Era kino kisobose okubaawo nga Katonda amaze kutuma Bubonero Omusanvu n'atuwa akabonero okuyita mu Bwo, n'atuma Bamalayika musanvu okuva mu Ggulu; okujja okukomyawo Ekigambo ekyo ekyali kyasaasaanira mu bibiina by'amadiini ebyo, okukikwataganya n'Ekigambo kya Katonda nate, okussa wansi Omwoyo We Omutukuvu.

98 Yesu yagamba nti, "Bwe munaanywerera mu Nze n'Ekigambo Kyange mu mmwe, musabe kyonna kye mwagala, kinaabakolerwa." Okugatta awamu Omugole okudda ku Kigambo, nga ye Katonda. Ekkanisa n'Ekigambo, ssi Ekkanisa n'ekiyiiye, wabula Ekkanisa n'Ekigambo; Omugole n'Ekigambo nga beegasse wamu. O, bannange! Nga . . . Kuzzaawo ki? Okukkiriza kwa bakitaffe abaasooka abapentekoote, okiraba, okwali kwasaasaanyizibwa ekibinja kya Luther. Ssi Luther ye nga omuntu; nedda ssi Luther, ssi Wesley nga omuntu, nedda ssi basajja abo ab'ekitalo abaakola emisingi egyo. Naye oluvannyuma lw'okuvaawo kwabwe, waliwo ekkanisa eyagolokoka, era ne ba . . . ekyo kye baakozesa ekintu ekyo oluvannyuma, baakigunjaamu kibiina kya buntu. Bakkiriza ebiyiiye n'ebirala, bwe batyo ne batwalibwa. Kati batunuulire leero, kati bayingidde mu Kakiiko ako akagatta Amakanisa g'Ensi yonna.

99 Kati, okiraba, naye mu nnaku ez'oluvannyuma, okiraba, tulaba ebintu bino nga bigenda mu maaso kati ebitabangawo. Okiraba, kabonero ka Katonda, na kuno okwegatta kwonna kabonero ka biro bino. Kati, ekyo twagala tukyetegereze n'obwegendereza era tukakase nti tukifuna. Nga bava . . . bava ku Kigambo eky'amazima ne bagenda mu bibiina by'amadiini; okukkiriza ebiyiiye n'endowooza z'abantu ab'enjawulo mu kifo ky'okutwala Ekigambo.

100 Okubikkulirwa 10 wagamba nti, "Obubaka bwa malayika ow'omusanvu." Kati jjukira nti, ekyo kibaawo mu kiseera ky'Amakondeere Omusanvu, era waliwo bamalayika musanvu abafuuwa Amakondeere Omusanvu. Ekyo kye tugenda okuzzaako. Naye jjukira wali, we kyogerera butereevu nti, "Bwa Malayika . . .," ssi Kkondeere lya malayika ow'omusanvu, wabula "Obubaka bwa malayika ow'omusanvu." Okiraba, ssi malayika ow'Ekkondeere, wabula malayika ow'Obubaka!

Okiraba, malayika ye yafuuwa bufuuyi kkondeere, malayika oyo ow'omusanvu, malayika w'Ekkondeere. Naye kino kigamba nti, "Mu nnaku z'Obubaka bwa malayika ow'omusanvu," okiraba, Obubaka bwe nga buwedde. Okiraba, obwo bwe Bubaka bw'omulembe gw'ekkanisa. Mu kiseera kino, awo w'ajja oku . . . Obubaka, ssi Ekkondeere, era "n'ekyama kya Katonda (ekyo ekyawandiikibwa mu Kigambo) kisaanidde okuba nga kimaze okutuukirira."

101 Kaakati laba ebiro bye tulimu nga bwe biri! Tunuulira Envumbo ezo, engeri gye zikuŋŋaanyamu Ekigambo kya Katonda ekyo ekyali kyasaasaana, ekyo Luther n'abalala bonna, abaddaabuluzi abo ab'ekitalo abaatumibwanga; ne zijja nga zikiraga mu Bayibuli, nga ziraga wa we baalina okuba; buli muntu nga ziraga wa w'agwa, kiki ky'alikola na kiki ekirituuka ku kkanisa; ky'alikola, na kiki ekirituuka ku kkanisa; n'ebintu bino byonna bye yaleka tamalirizza. Ne, mu nnaku ez'oluvannyuma, bwe twali tetulina kye tukimanyiiko, ne zitutegeeza ku kubaawo kw'ekintu ekimu; n'okutuusa nti n'empapula z'amawulire n'ebintu ebirala byakyogerako, era ne zijja ne zikibikkula ne zigatta wamu ebyama byonna. Amiina! Ow'oluganda, nze ekyo kya muwendo nnyo gyendi! Ekyo, gyendi, kirambulula bulungi Ekigambo. Amiina! Ssifaayo kiki—kiki, manya, nfaayo ku kiki abantu kye bagamba, kye balowooza, ekyo kirungi, naye gyendi Amazima kye kikulu.

102 Nga abasajja abagezigezi, abaava e Babulooni, baaleekaana nti, "Ali ludda wa Oyo, azaaliddwa Kabaka w'Abayudaaya? Ali ku nsi, mu kaseera kano kennyini. Tuteekwa okumuzuula." Ekyo bwe kiri. Era nzikiriza nti ali kumpi nnyo okujja n'okutuusa nti nsobola okugamba nti, "Laba, Omugole omusajja ajja! Mpulira oluyoogaano lw'omu ttumbi!" Amiina! Tuli mu kiseera eky'enkomerero kyennyini. O, bannange, nga kiseera kikulu kye tulimu. Weetegereze. Mukiraba?

103 Nga biro bikulu! Nga kiseera kikulu kye tulimu, ekyama kya Katonda kino ekikulu nga kituukirira; nga kijjayo obulamba bwa Katonda, nga kiraga kiki kye buli; n'engeri obubondobondo buno obw'eddiini, gye bwawaba ne bumufuula *kino*, ate omulala n'amufuula *kino*, n'omulala n'amufuula *kiri*. Naye Malayika wa Mukama n'akka wansi n'ayanika enkola zaabwe ez'obubondo bw'eddiini, n'ajjayo Amazima ago, n'agabikkula. Kaakati gaagano, nga tegaliiko kamogo konna, nga tewali walala wonna w'oyinza kudda. Gaago, ekyo ky'Ali. Okiraba, ezzadde ly'omusota, ebi—ebintu ebirala bino byonna ebibadde bitategeerekeka eri abantu. Okiraba? Kiki? Yalina . . . Kano kabonero ka ki? Kwegatta!

104 Yayogera ki mu Malaki 4? Alizzaawo! Alizzaawo Okukkiriza kuli okwasooka okwa pentekoote, kukomewo eri abantu n'Obubaka bwe bumu obwa pentekoote, akabonero ka pentekoote ke kamu, obukakafu bwa pentekoote bwe bumu,

Katonda y'omu, Amaanyi ge gamu, enjigiriza y'emu, nga buli kimu kye kimu ddala, wamu n'okukakasibwa kw'Empagi y'Omuliro y'emu eyakuba Sawulo n'agwa wansi bwe yali mu lugendo, okugenda e Damasiko eri mu makkati gaffe leero, nga ekola ebintu bye bimu bye yakola mu biro biri. Okwegatta!

105 Tulaba amawanga nga geegatta, tulaba ensi nga yeegatta, tulaba amakanisa nga geegatta. Tulaba n'Omugole nga yeegatta, nga yeegatta wamu n'Ekigambo. Lwaki? Kubanga Ekigambo ye Katonda. Era nga Ekigambo . . . Nga Omugole omusajja (nga ye Kigambo), n'Omugole omukazi (nga y'oyo awulira Ekigambo), Beegatta wamu mu Bumu. Beegatta wamu nga mu mbaga. Okiraba, Beetegekera mbaga, era Ba—Bafuuka Omu. Ekigambo kifuuke ggwe, ggwe ofuuke Ekigambo. Yesu yagamba nti, "Ku lunaku olwo mulikitegeera. Kyonna Kitange ky'ali, Kyendi; era kyonna Kyendi, kye muli; era kyonna kye muli, Kyendi. Ku lunaku olwo mulimanya nti Ndi mu Kitange, ne Kitange ali mu Nze, nange mu mmwe, nammwe mu Nze." Okiraba? Ku "lunaku luli." Lunaku ki? Lunaku luno! Tuzuula ebyama bya Katonda eby'ekitalo ebyakwekebwa nga bibikkulwa. O, ekyo nga nkyagala nnyo!

106 O, weetegereze engeri ssayaansi n'Ekigambo bwe byali tebisobola kugerageranyizibwa, nga bwe biri leero. Byali tebisobola kugerageranyizibwa mu kusooka. Naye kati lwe basobola okukikola.

107 Wekkaanye, yagamba nti, "obubonero obw'omu bwengula, obubonero obw'omu bwengula." Ssayaansi, n'obubonero bw'amawanga; kati balina obubonero obw'amaanyi mu bwengula leero, balina abagenda mu bwengula na buli kimu kyonna. Naye abagenda mu bwengula bano kiki kye baleetedde ensi, kabonero ki? Bagireetera kutya. Tebamanyi kiseera ki we basobolera kusindika waggulu kintu bwe kityo ne kisuula bbomu zino, ne tusaanawo. Okiraba? Kaakati obwo bwe bubonero bwe balina, ebintu eby'entiisa mu bwengula. Okiraba? Babirina, ebikompola nnamuzisa na buli kimu kyonna, obubonero obwa buli ngeri.

108 Mulaba bwe baateekako emikono ku—ku ndagaano eno, luli, nti tebaliddamu kutulisa bbomu mu lujjudde, naye ate kati bakka wansi mu mazzi ne wansi mu ttaka, era bakyabigezesa nga luli. Okiraba? Baateeka emikono ku ndagaano ne bagamba nti, "Kino tetuliddamu kukikola, bw'oba naawe ogamba nti toliddamu kukikola (naye tujja kuddayo eka tukikole bwetuti; bwe tunaakitegeera nti naawe ky'okola wano)." Okiraba? Tewali kintu kyonna kya makulu, kiri . . . tewali bwesigwa mu makkati gaabwe, tewali—tewali kintu kyonna. Osobola . . . Okiraba? Era buli omu atya munne. Ako kabonero ka ntiisa.

109 Ssayaansi n'omuntu wamu n'amawanga bireeseewo akabonero ak'entiisa mu bwengula. Ago ge mazima gennyini.

Kati, buli omu atya munne. Era waliwo akabonero ak'omu bwengula akaweereddwa eri. . . Kati labayo, balina akabonero mu bwengula nabo, akabonero ka ntiisa, omuntu ali mu kizungirizi; nga yandiba n'ekikompola kya bbomu nnamuzisa, ky'ayinza okusuula n'azikiriza eggwanga lyonna. Bambuka waggulu eyo mu kizungirizi, ne basinziira eyo. Tewali kintu kyonna kibalemesa kukikola. Mu mazima basobola okukikola, ba. . . wonna we baagalidde. Basobola okugifuula olufufugge nga baagadde, naye. . . mu ddakiika kkumi na ttaano zokka okuva kati. Era omu ku bo ky'asobola okukola, n'omulala ali eri asobola okukikola, naye. N'olw'ekyo, kati mukiraba nti balina akabonero, naye akabonero ak'ekika ekyo kabaleetera okutya.

110 Bali mu kwegatta wamu, nga bagatta wamu amaanyi gaabwe. Mu mawanga ageeyita ag'eddembe, bali mu kugatta wamu amaanyi gaabwe. Obwannakalyak'ani buli mu kugatta wamu amaanyi gaabwo ne Russia. Buli omu; naye buli omu atya munne. Okiraba, kabonero ka ntiisa. Ekyo bwe kiri. Obwo bwe bubonero bw'amawanga, n'ebirala ebiri nga ebyo.

111 Naye Ekkanisa yafuna Akabonero ak'omu Ggulu: Munnabwengula! Amiina! Yesu Kristo, mu nkula ey'Empagi y'Omuliro; eyo gye yalimu mu Ndagaano Enkadde, eyo gye yalimu lwe yasisinkana Sawulo nga agenda e Damasiko, Yesu y'omu ali wano leero! Era kakola ki? Kaleeta kutya? Kaleeta kwagala, okwegatta buli omu ne munne. Amiina! Buli omu okulumirirwa munne. Kaleeta Okwagala kwa Katonda, o, katugatta era ne katuleeta wamu, Omubiri gwa Kristo, mu bumu nga Omugole. Ekyo kye kukola kati, okwegatta kuno okw'ekitalo Katonda kwe. . .

112 Bali mu kwegatta wamu, ekibinja ekimu nga kiri *wano* okulwanyisa kiri ekirala, n'ekibinja ekirala nga kiri *wano* okulwanyisa kiri ekirala. Wano ekkanisa eyimiridde mu makkati gaabyo; ggwe weetegereze ekinabaawo, ejja kwegatta wamu nabyo. Ekyo ge mazima ddala. Naye, kati, tukiraba nti ekyo kivaamu kutya na kutabulwatabulwa.

113 Naye Ekkanisa, Omugole, Katonda omu agigasse wamu, mu Mwoyo omu, Omwoyo wa Katonda, mu Kwegatta kumu okutukuvu okwa Katonda, okubeera Omugole omu omutukuvu eri Katonda. Ekyo bwe kiri, bonna wamu; mu bumu obw'Omubiri. Omubiri nga gulindiridde nga Omugole; nga— nga Gwo ye Mugole, nga bwe tweyita Omugole. Olw'akaseera ak'okwegatta kw'Omugole, Ekkanisa eri mu kwegatta wamu. Kirina okuleetawo okwagalana mu ffe, ne tutuuka okuba nga kizibu okuva awali bannaffe. Ekyo bwe kiri. W'obeera nga, tolina kwegayirira bantu kusaba, tolina kubeegayirira kusinza Katonda, tolina kubeegayirira kukola kituufu. Nga bannyikidde nnyo mu kumwagala, okutuusa nga tewali kintu kirala kyonna.

114 Olowooza ki ku muwala omuto, omuwala omuto omubalagavu, agenda okufumbiriganwa n'omuvubuka omuto alabika obulungi gw'ali naye mu mukwano ogw'ekitalo ennyo, nga gy'ali kikulu nnyo n'okusinga obulamu bwe bwennyini, era nga akimanyi bulungi nti bagenda kufumbiriganwa? Nga olunaku lw'embaga bwe lusembera, omuwala oyo omuto, nkubuulire, aba mu "keetalo." Okiraba? Nga bw'ategeka buli kimu; yeeweerayo ddala eri bba. Ekyo bwe kiri. Kyonna kyonna ekisanyusa bba, ekyo kyokka ky'ayagala okukola. Kaakati, bw'etyo Ekkanisa bw'erina okweyisa leero, obulamu bwaffe nga bukweekeddwa nnyo mu Katonda okuyita mu Kristo, nga busibiddwa Omwoyo Omutukuvu munda eyo.

115 Kye mbadde mbayigirizaako wano, kubadde kubategeeza ku bubonero buno n'ebintu eby'enjawulo ebigenda mu maaso, ssifunye budde bumala kukikola kaakati; naye ndikikola mu bubaka obulala, Mukama nga ayagadde. Naye waliwo ekintu ekitono kimu ekikyabulawo mu Kkanisa. Ate twagala ekyo, okukituukako, era ndi ku mugo gwakyo gwennyini kati. Okiraba? Twagala kutuuka kw'ekyo, bwe . . . oteekwa okukikola. Bw'otakikola, ky'ekyo kyokka, oteekwa okukikola. Kubanga labayo, ekiseera ky'okwegatta kisembedde, kubanga Katonda ali mu kugatta wamu Ekkanisa ey'o—ey'Okukwakkulibwa okugenda ku mbaga olw'Okwegatta awamu Okukulu: Katonda n'omuntu we balyegattira awamu olw'Obutaggwaawo, ebitonde by'ekiseera we bineegattira wamu n'Obutaggwaawo.

116 Kyakolebwako lumu mu nkula y'Omwana w'omuntu ku nsi. Era yalina okuwaayo Obulamu Bwe okusobola okuleeta amaanyi, okugatta awamu abantu abalala n'Amaanyi gano ge gamu, ku lw'Omugole wa Yesu Kristo. Ne kaakano Ekkanisa eri mu kwegatta ku Mubiri gwa Kristo. Yeetakkuluzza, ne yeekutula ku buli kisiba kyonna, nga yeeteekateeka; nga ekwatagana wamu, nga beegatta wamu; o, mu kwagala n'essanyu, nga Omwoyo Omutukuvu atambulira mu makkati gaabwe. O, bannange, nga kiseera kikulu!

117 Nga bwe tulaba embaata nga zeetegeka, tulaba embaata-kabuzi zino nga zeeteekateeka, tulaba ensolo . . . enjuki nga zeeteekateeka, tulaba ebire nga bibindabinda okuvaamu enkuba, tulaba buli kimu; engeri gye kyegattamu okubaako eky'amaanyi ekikivaamu. Tulaba Ekinywi ky'Amawanga, ekigatta amawanga, nga geegatta wamu mu bwannaakalyak'ani. Tugalaba nga geegatta wamu wano ku ludda lw'Amawanga g'Abazungu. Tulaba ekkanisa nga yeegatta wamu, n'ebirala bino byonna. N'olw'ekyo tekisobokerako ddala, tewali kiseera kirala we kyali kisoboka kuba bwe kiti; kyali tekisoboka kuba bwe kiti emyaka abiri egiyise, kyali tekisobola kuba bwe kiti. Kyali tekisobola kuba bwe kiti emyaka kkumi egiyise, kirina kubaawo mu kaseera kano kennyini. Okiraba, kubanga obubondo buno bwonna n'ebintu ebirala byali tebinnabaawo.

118 Kaakano zuukuka! Weekunkumule, mangu ddala, era otunule wano olabe we tuli! Tuli wa? Nga abasajja bali abagezigezi, tuteredde n'Ekigambo Kye, era Ekitangaala kya Mukama kyakira mu kkubo lyaffe. Ekitiibwa kibe eri Katonda ali Waggulu ennyo. Era Ekitiibwa kibe eri Katonda Oyo atuwa Yesu Kristo, Oyo gwe twagala, era atuleese mu kifo kino. Era nga bwe tu. . . Tuli bantu Be, abaagulibwa n'omuwendo gw'Omusaayi Gwe.

119 O, bannange! Ekiseera ky'okwegatta bwe kinaatuuka, tutunula, nga bwe twegatta wamu buli omu ne munne mu bisiba eby'Omwoyo Gwe, tu. . . Kisoboka okuba Omwoyo Gwe? Mazima dala, Mwoyo Gwe. Lwaki Gwo? Kubanga Kigambo Kye, ate Ye ye. . . ogwo gwe Mwoyo gw'Ekigambo. Kati Omwoyo ogwo ogw'Ekisuubizo ssinga gukukkako ne gukakasa era ne gweeyoleka wano wennyini, gubeera Mwoyo gwe gumu? Gwe gumu ogwali ne Musa mu ddungu! Gwe gumu ogwali ku Yesu Kristo! Ye omu eyasisinkana Sawulo nga agenda e Damasiko! Ye omu jjo, leero, n'emirembe gyonna! Era akola ekintu kye kimu!

120 Era tulaba amawanga nga geegatta wamu, tulaba abakulembeze b'ekkanisa nga beegatta wamu, tulaba obwa nnaakalyak'ani nga bwegatta wamu, tulaba obubondo obw'enjawulo nga bwegatta, tulaba ebintu bino byonna; era kati tulaba Omugole nga yeegatta n'Ekigambo. O, bannange! Kye kiseera abatukuvu we balizuukirira beegatte n'abo abalamu, okugenda beegatte ne Yesu Kristo olw'Obutaggwaawo.

121 Katonda atuyambe, buli omu ku ffe, twegatte ne Kristo akawungeezi kano, tweweereyo ddala mu bujjuvu obuteerekera, buli kimu kye tulina, emmeeme, omubiri, n'ebirowoozo byaffe byonna, eri Yesu Kristo, tulindirire ekiseera ekyo eky'okwegatta.

> Ekkondeere lya Katonda bwe lirivuga, nga ekiseera kiweddeyo,
> Ne bukya enkya nga Butaggwaawo, obutangaavu era obulungi;
> Abafu abaafiira mu Kristo lwe balizuukira ne bakuŋŋaanira ku lubalama emitala (wamu n'Omugole omulamu), okusitulibwa awamu batwalibwe.

122 Tunuulira okwegatta okwo! Katonda nga agatta Ekkanisa n'Ekigambo Kye, Ekigambo n'Ekkanisa, byombi bifuuke kimu, "Yogera *kino*, kijja kubaawo. Kola *kino*, kijja kubaawo. Kye kino; ono ye Nze mu maaso go, ono ye Nze akikakasa; ono ye Nze nga ndi wamu naawe." Weewaawo.

123 Tukiraba kati nti ekiseera kijja Ekkondeere lwe lirivuga, ate abatukuvu bali abeebaka edda, tebasobola kutuukirizibwa awatali ffe; beesigamye ku ffe (Abaebbulaniya 11); era bwe balyegatta, balyegatta wamu n'abakyali abalamu. Ekkanisa nga

yeegatta n'Ekigambo, nate nga Ekkanisa n'Ekigambo byegatta wamu, nga bifuuka kimu. Abatukuvu abaafa wamu n'abatukuvu abakyali abalamu nga beegatta wamu okubeera omu; era bonna bagendere wamu okwegatta ne Kristo emitala, olw'Ekijjulo ky'Embaga y'Omwana gw'Endiga.

124 Kiseera kya kwegatta, era obubonero bwewuuba buli wamu. Obubonero buli mu mawanga, obubonero buli mu bwannakalyak'ani, obubonero buli mu Mawanga g'Abazungu, obubonero buli mu Kakiiko akagatta Amakanisa. Era Akabonero kali wano akawungeezi kano wansi wokuluŋŋamizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, nga Ekigambo kya Katonda kikikakasa era nga kikiraga okuba Amazima. Amiina! Kiseera kya kwegatta! Akabonero k'Ekiseera eky'Okwegatta!

Leka tukoteke emitwe gyaffe.

125 Mukama Yesu, nga omutima gwange bwe guntundugga olw'essanyu, olw'okulaba obusobozi nga nze, omusajja akuliridde mu myaka, naye ate, nga waliwo obusobozi bw'Okukulaba nga ojja mu mulembe guno; okuba omulamu n'okuyimirira wano, okulaba Ekkondeere eryo nga livuga nti, "Oyo omubi, asigale nga mubi. Oyo omutuukirivu, asigale nga mutuukirivu. Oyo omutukuvu, asigale nga mutukuvu." Ai Mukama Katonda!

126 N'okukirowoozaako obulowooza nti nga bwe tuyimiridde wano, mu kaseera buseera, mu kutemya ekikowe, nga ensi temanyi kigenda mu maaso, naye mu bwangu ddala, olabe nga mu maaso go walabikawo, abaagalwa bo abaafa edda, nga bazze okwegatta wamu naawe nate. Era tulikyusibwa mu kaseera buseera, mu kutemya ekikowe; tusitulibwe, wamu, okusisinkana Mukama waffe mu bbanga. Era twegatte wamu naye, okubeera eyo emirembe gyonna, obutaddamu kuva mu Kubeerawo Kwe nate.

127 Nga kintu kikulu nnyo leero, Mukama, okumanya nti kaakano tugattiddwa wamu n'Omwoyo omu. Omwoyo omu, Omwoyo Omutukuvu, nga alina Ekigambo mu ngalo Ze, ng'ajja mu ffe. Era nga kintu kikulu nnyo, nga mukisa gwa maanyi nnyo okwekutulako ensi yonna, okwegatta ne Yesu Kristo. N'okukirowoozaako nti lumu, mu nkula erabikako, nga tulina omubiri nga omubiri Gwe Gwennyini ogw'ekitiibwa, tulituula ku mmeeza ku Kijjulo ky'Embaga era tugattibwe wamu era tufumbiriganwe mu bufumbo wamu naye; okubeera nga Omugole n'Omugole omusajja emirembe gyonna egirijja, okuyita mu Butaggwaawo obw'emirembe egitakoma.

128 Mukama Katonda, leka kino kireme kuba kirowoozo eky'enfumo obufumo eri abantu, naye leka kifuuke ekintu eky'obuliwo ekya nnamaddala okutuusa lwe wanaabaawo enjala n'ennyonta mu bantu okutuusa lwe banaa . . . nga bwe

basoma empapula zaabwe ez'amawulire, ne balaba e... bwe bawuliriza leediyo n'amawulire, balabe nti kiseera kya kwegatta. Obubonero bumyansa.

129 Mukama Katonda, nga bwe twayogera ku bakazi, bye balikola mu nnaku ez'oluvannyuma; n'ekkanisa by'erikola mu nnaku ez'oluvannyuma; n'Emirembe gy'Ekkanisa bwe giriba, n'Envumbo kye ziriba, n'ebintu ebirala bino byonna. Era tulaba nga bwe kyali, mu biro bya Nuuwa. Tulaba nga bwe kyali, mu biro bya Sodomu ne Lutti, Malayika wa Katonda bwe yeeyoleka mu mubiri gw'omuntu, n'alya ennyama y'ente n'anywa n'amata g'ente, n'alya n'omugaati; n'ayimirira awo nga asobola n'okumanya ekyali kigenda mu maaso emabega We. Era Yesu yagamba nti ekintu kye kimu kya kubaawo mu kaseera ak'okujja kw'Omwana w'omuntu.

130 Mukama Katonda, tulabye piramiidi, engeri gye twagizimbamu waggulu eri, era ne tulaba n'engeri gye twagyongerako ebintu bino; ne tukizuula nti tuli mu kiseera kya nkomerero, nga tulindirira Ejjinja ery'oku Nsonda. Ekitiibwa kibe eri Katonda! Tusaba, Kitaffe, ozuukuse abantu, mangu ddala kaakano, otukuŋŋaanye wamu, n'okwagala kw'obwakatonda n'okussaamu ekitiibwa eri Yesu Kristo na buli omu eri munne.

131 Bwe wabaawo omuntu yenna wano akawungeezi kano nga essuubi eryo teriwummulidde mu ggwe, osobola okuyimusa omukono gwo eri Katonda ogambe nti, "Mukama Katonda, ngatta wamu Naawe, ngatta wamu Naawe"? Katonda akuwe omukisa, ow'oluganda. Katonda akuwe omukisa, naawe, naawe; weewaawo. "Ngatta wamu Naawe, Mukama." Weewaawo! O, bannange!

Amawanga gasasika, Isiraeri egolokoka,

132 Tunuulira Isiraeri erudda eri, bwe yeegasse awamu. Isiraeri, okuva mu nsi yonna, bakomyewo beegatte wamu; okwegatta era kati bali ggwanga. Bali ggwanga eryegasse awamu: nga balina bendera eyaabwe, n'essente ezaabwe, n'eggye eryabwe, na buli kimu; bwe baba baali babaddeko eggwanga, kaakano kye bali. Isiraeri yeegasse, Roma yeegasse, ekkanisa yeegasse. Era n'Omugole ali mu kwegatta, amiina; wamu n'okujja kw'Okwegatta okwo Okukulu. Kiki? Kyonna kyolekedde Kabonero ako, Akabonero ako akakulu ak'ensonga, Yesu n'Omugole We nga beegatta okufuuka omu.

133 Kitaffe Katonda, tuwe emikisa gino gye nsabira abantu bano, era leka tugattibwe wamu gy'Oli mu mutima ne mu mwoyo, nga bwe bayimusizza emikono gyabwe, nga bakyagala ekyo. Mukama Katonda, tulongoose otufuule babo; kituwe, Mukama. Ekyo kye kyokka kye tumanyi era kye tusobola okukola, kwe kusaba. Nate wagamba nti bwe tunaakisaba ne

tukikkiriza, tunaakifuna; nkinoonya, Mukama. Nkwebaza mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

Mmwagala, mmwagala,
Kubanga Ye yasooka okunjagala,
Era n'agula obulokozi bwange
Ku muti gw'Ekalivaaliyo. (Amiina. O, bannange!)

Laba, Omugole omusajja ajja!
Mpulira oluyogaano mu ttumbi!
Ffenna tulyambuka n'okuleekaana, bwe tutatendewalirwa,
Era tulimusisinkana mu bbanga.

Tunula era osabe, muganda wange,
Ssi kulwa nga wabaawo atwala engule yo,
Kubanga oyo omuwolu n'oyo eyaddirira
Tebalyambala kyambalo kya bugole.

134 Ekyo bwe kiri. Leka twetegekere oluyoogaano lw'omu ttumbi luno. Lujjira mu ssaawa gy'otasuubira. Walibaawo oluyoogaano, ssi mu abo abatakkiriza; eri abo kiriba kyama. Naye eri abakkiriza, abakirindiridde: Mulaba emmunyeenye nga zijja wamu mu lunyiriri? Mukiraba? Kyavaamu ki? Nga ekyo kyennyini kye kyakola ku mulundi ogwasooka. Okiraba, tuutuno, nga obubonero bujja.

Tulaba okulabisibwa kw'obubonero bw'Okujja Kwe okw'omukisa,
Kaakano, laba ebikoola by'omutiini kaakano nga bitojjera;
Enjiri y'Obwakabaka egenze mu buli ggwanga;
Era tusembedde, enkomerero esobola okulabibwa.

Awo nno, n'essanyu, tujja kulangirira Obubaka bw'okulabika Kwe okw'omukisa,

135 Ssi bwe kiri? O, okulangirira Obubaka bw'okulabika Kwe okw'omukisa! Ekyo kye tusaanye okukola. Gamba buli omu nti, "Weeteeketeeke, weetegeke okusisinkana Katonda." Amiina! Mmwagala. O, nga mmwagala nnyo. Kati, leka tuyimirire ku bigere byaffe kaakano. Nga bwe tusiibulagana, wetooloole obeeko ne gw'okwatako mu ngalo, omugambe nti:

Okutuusa lwe tulisisinkana! (Mukwataganeeko mu ngalo, kati.)... okutuusa lwe tulisisinkana!
Okutuusa lwe tulisisinkana ku bigere gya Yesu;
Okutuusa lwe tu...

Jjukira, oyinza okuyitibwa. Okusisinkana kwaffe okuddako kwandiba ku bigere Bye.

O, Katonda abeere nammwe okutuusa lwe tuliddamu okusisinkana!

136 Kaakati, ggwe kirowoozeeko, nga tetunnaddamu kusisinkana; nga tetunnasisinkana ku Ssande ku makya, oba ku Lwokusatu ekiro, kisoboka okuba nti . . . oyinza okusanga, nga waliwo abuzeewo. Nga ono abuzeewo, nga yagenze. O, okukirowozaako nti balo taliiwo, oba mukyala wo taliiwo, ne—ne mukyala wa John taliiwo, ne—ne—ne ku luuyi luno nga abaana tebaliiwo. Nga byonna byabaddewo (kiki ekyatuseewo?), nga ggwe walekeddwa!

O, nga kuliba kukaaba na kukuba biwoobe abaabula bwe balitegeezebwa ku by'entuuko yaabwe embi,
Baakaabira enjazi n'ensozi, (Nga Isiraeri, bwe baali baddayo mu kibuga, mu yeekaalu.)
Baasaba naye essala zaabwe zaatuuka kikeerezi. (Baagaana Obubaka.)

137 O, ow'oluganda, ekyo tokikolanga. Kyonna ky'okola, nywerera ku nsonga! Yee, ssebo!

138 Kaakano, okutuusa lwe tulisisinkana, tujja kukola kino:

Twalanga Erinnya lya Yesu,
Nga engabo eri buli kweraliikirira;
Ebikemo bwe binaakwetooloolanga, (Onookola ki?)
Yatula bwatuzi Erinnya eryo mu kusaba.

Erinnya ery'omuwendo, O nga ddungi!
Lye ssuubi ly'ensi era essanyu ly'Eggulu;
Erinnya ery'omuwendo, O nga ddungi!
Lye ssuubi ly'ensi era essanyu ly'Eggulu.

139 Leka tukoteke emitwe gyaffe kaakano, nga bwe tumuumuunya:

Bwe tulivunnamira Erinnya lya Yesu,
Tugwe ku bigere Bye,
Kabaka wa bakabaka mu Ggulu eyo . . . mutikkira engule,
Nga olugendo lwaffe luwedde. (Luliggwa, lumu.)

O Erinnya ery'omuwendo, Erinnya ery'omuwendo, O nga ddungi!

Okutuusa lwe tuliddamu okusisinkana, Katonda abeere nammwe.

Lye ssuubi ly'ensi era essanyu ly'Eggulu;
Erinnya ery'omuwendo, O nga ddungi! Nga ddungi!
Lye ssuubi ly'ensi era essanyu ly'Eggulu.

Ekiseera Ky'Okwegatta n'Akabonero Kaakyo LUG63-0818
(The Uniting Time And Sign)

Obubaka buno obwabuulirwa Ow'oluganda William Marrion Branham, bwabuulirwa mu Lungereza ku Ssande akawungeezi, nga 18 Agusito, 1963, ku Kkuŋŋaaniro lya Branham mu Jeffersonville, Indiana, mu Amerika, buggyiddwa ku lutambi olwa kkaseti ne bukubibwa mu Lungereza nga tebukyusiddwamu. Buno obuvvuunuddwa mu Luganda bwakubibwa era ne busaasaanyizibwa aba Voice Of God Recordings.

LUGANDA

©2020 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

Voice Of God Recordings
P.O. Box 950, Jeffersonville, Indiana 47131 U.S.A.
www.branham.org

Copyright notice

All rights reserved. This book may be printed on a home printer for personal use or to be given out, free of charge, as a tool to spread the Gospel of Jesus Christ. This book cannot be sold, reproduced on a large scale, posted on a website, stored in a retrieval system, translated into other languages, or used for soliciting funds without the express written permission of Voice Of God Recordings®.

For more information or for other available material, please contact:

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org